# *Ttanka Z'omu*

# *Ttaka Eziwomoggose*

Tusabe. Mukama, kaakano tukkiriza. Tukkiriza Omwana wa Katonda, era, okuyita mu kino, tutoola Obulamu Obutaggwaawo nga tuyita mu Ye. Kaakano tukuŋŋaanye nate, olw'eggulo luno, manya akawungeezi kano, okuba n'olukuŋŋaana olulala, nga tukwesize olw'Obubaka n'olw'ekyo ky'Onaatugamba akawungeezi kano. Tukukkiriza, Mukama, era tukulindiridde. Era wagamba nti, "Abo abalindirira Mukama baliddamu amaanyi; balitumbiira waggulu n'ebiwaawatiro nga empungu." Era tukusaba, ai Katonda, otuwe Amaanyi ago ag'okutumbiira, akawungeezi kano, nga bwe tukulindirira.

2 Tukwebaza olw'abantu bano, n'olw'ekyo kye bategeeza gy'Oli ne kye bategeeza gyendi. Nkikwebaliza, Kitange. Abantu bano mayinja Go ag'omuwendo omungi. Era nsaba, ai Katonda, akawungeezi kano, weeyoleke gye bali, mu mbeera, ey'obwetaavu bwabwe. Bwe wabaawo abalwadde wano, nsaba bawonyezebwe. Bwe wabaawo okubuusabuusa kwonna mu birowoozo by'omuntu yenna, kuggyeewo, Mukama. Otuwe buwi ku Kubeerawo Kwo ne ku mikisa Gyo, kubanga tubyetaaga, Mukama. Ye Ggwe byonna bye twetaaga. Era, awatali Ggwe, tetusobola kukola kintu kyonna.

3 Tusaba okkirize okusiima kwaffe olw'ebyo byonna by'Okoze. Mu Linnya lya Yesu Kristo tulindiridde emikisa Gyo. Amiina.

Muyinza okutuula.

4 Kati, kale, e—ekiro kya Ssande ya leero munda waweweevumukko, muno, okusinga bwe gwali ekiro kya Ssande eyise. Twebaza nnyo nnyini baganda baffe abaakoledde ddala n'obwesigwa kino okusobola okukiteekawo. Mmanyiiko nga babiri oba basatu ku bo. Ow'oluganda Mike Egan, gwe nnengera emabega wali, ne. . . Ow'oluganda Mike, n'Ow'oluganda Sothmann, Ow'oluganda (nzikiriza) Roy Roberson, n'Ow'oluganda Wood, n'abalala bonna, baabadde wano nga bakola nnyo ddala, okugezaako okulaba nga bakiteekamu ffe okusobola okubeera n'Obubaka buno kaakano, manya olwa leero. Kale, tuli basanyufu.

5 Kati, Ssande eggya ku makya, Mukama nga ayagadde, njagala okubeera n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa olw'okusabira abalwadde. Era tuliruwaayo okuba olukuŋŋaana olw'okusabira abalwadde, Mukama bw'aliba ayagadde.

6 Nneetegerezza, enkya ya leero, wano waliwo entuumu y'obutambaala. Nnabusabidde. Era na, bwe mwabadde musaba

wamu n'okuyimba, nze ne nsabira obutambaala; naye kati waliwo n'obulala wano akawungeezi kano. Kale, tu—tukkiriza nti Katonda awonya abalwadde. Waliwo obujulizi bungi nnyo obw'okuwonyezebwa mu makkati gaffe, n'okwetoloola ensi, era kino tukyebaliza.

7 Kati nnalowoozezzamu nti, Ssande eggya, nga bwe kiri nti ŋŋenda kumala akaseera akawerako nga ssiriiwo, ate nga tubadde twesibye nnyo ku kya kuyigiriza kyokka wamu n'Obubaka, nnalowoozezza nti kyandibadde kirungi ssinga tubeerako n'o—n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa, ne tusabira abalwadde. Era tukkiriza nti Katonda ajja kutuwa akaseera akalungi.

8 Kati, bangi ku mmwe mulina okuvuga mmayiro nnyingi ddala akawungeezi kano. Kale nnabadde njogerako n'ebibinja eby'enjawulo wali ku—ku Blue Boar Cafeteria, olwa leero, gye nnaliiridde eky'eggulo. Ne nsisinkana abantu bangi abalungi, ne mbakwatako mu ngalo ne tunyumyamu, abantu be mbadde sisisinkanangako, naye ate nga basabira wano mu kkanisa. Era ndi musanyufu nnyo olw'emikwano bwe gityo, era njagala okubeebaza buli omu ku mmwe. Abamu ku bo baanoze enkenene, ne batuleetera. N'omu ku bo yatuleetedde akalobo k'obuloddo, manya ssukaaligguli, nzikiriza bwe kyabadde, ne—n'ebintu bwe bityo. Ekyo temumanyi kye kitegeeza. Era oluusi ku makya, nzuukuka okufuluma ennyumba, oluusi nga waliwo . . .

9 Ku makya ga luli waliwo ow'oluganda eyali mu mbeera enzibu ddala, nga talina ngoye n'ebintu bwe bityo, ne njagala ŋŋende mmufunireyo ku ngoye. Ne nfuluma, era kaabula kata ntomere akalobo k'enkenene akaali awo. Ne ŋŋamba nti, "Zino enkenene ggwe wazireese?"

10 N'agamba nti, "Nedda, ssirina kye nzimanyiiko. Nnazze obudde tebunnasaasaana, naye era zaasangiddwa weeziri." Yali Muganda wange omulungi Ruddell ye yali azindeetedde. Kale, n'olw'ekyo, ebintu ebyo amazima mbisiimira ddala.

11 Billy Paul abadde yakantegeeza, akaseera katono akayise, nti ekibiina ky'abantu kino ekiri wano akawungeezi kano, bawaddeyo ekiwebwayo, nga kyange. Ekyo nki—nkibeebaliza. Nze ekyo nnabadde ssaagala mukikole. Nsi—nsiima nnyo okufuba kwammwe kwonna, n'ebirala byonna, naye ekyo kyabadde tekyetaagisa. Naye, era, Mukama abawe omukisa. Omanyi, omanyi, Bayibuli egamba nti, "Kyonna kye mwakolera asingayo obuto ku bano, mwakikolera Nze."

12 Kaakano, mbadde njogera gye muli, ku Bubaka, kaati. Era . . . Abantu abamu bayinza okuba bafunye ekifaananyi nti—nti oba oli awo ndowooza Yesu wa kukomawo ku makya oba akawungeezi kano. Weewaawo bwe ndowooza. Kati, ssigamba nti agenda kujja. Nate, era, ne wiiki ejja ayinza obutajja,

era kyandiba omwaka ogujja, kiyinza n'okubeera oluvannyuma lw'emyaka kkumi. Ssimannyi ddi lw'Ajja. Naye, waliwo ekintu kimu kye njagala . . . buli kaseera kikubeere mu birowoozo, beera mwetegefu buli ddakiika oba buli ssaawa. Okiraba? Kibeere nti, bw'Atajja leero, ayinza okuba wano enkya. Kale ekyo kikuumire mu birowoozo byo, nti Ajja.

13 Era ssimanyi na kiseera ki kye nnaasemba kubeera ku nsi kuno, era tewali n'omu ku ffe amanyi. Era tewali n'omu ku ffe amanyi ddi lw'Alijja. Naye kennyini tamanyi, nga Ye, okusinziira ku Bigambo Bye; yagamba nti, "Kitange, yekka, y'amanyi lw'Alijja; n'Omwana yennyini tamanyi ddi lw'Alijja." Kiribaawo mu kiseera Katonda lw'alimutusindikira nate. Naye ffe tulindirira Okujja Kwe. Era bw'Atajja mu mulembe gwange, ayinza okujja mu guddako; bw'Atajja mu ogwo, Alijja mu guliddako. Naye, nze ku lwange, ssirabayo kiseera kyonna kisigaddeyo. Nze . . . Gyendi, kisobola okubeerawo eddakiika yonna. Kati, ekyo tekitegeeza . . . Ekyo tekitegeeza, kati, nti mujja kulaba obwengula nga bukyuka era buli . . . Okwo si kwe Kujja kwe njogerako. Njogera ku Kukwakkulibwa.

14 Olaba, Akola Okujja kwa mirundi esatu. Ajja nga omwana emirundi esatu. Ajjira mu busatu: Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu. Olaba, nga ye Kristo y'omu, ye Katonda y'omu, buli mulundi. Kati, tumanyi nti Ajja okuleeta emirimu gy'ekisa gya mirundi esatu: okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Buli kimu, mu Katonda, kituukirizibwa mu busatu.

15 Kati Yajja, omulundi ogwasooka, okununula Omugole We. Ajja, omulundi ogw'okubiri, nga Okukwakkulibwa, okutwala Omugole We. Ajja, omulundi ogw'okusatu, n'Omugole We, nga Kabaka ne Nnaabakyala; oluvannyuma, kati awo abantu abasinga obungi we bamusuubirira Okujja.

Naye bw'Ajja ku mulundi guno, kyenkana tewali n'omu okuggyako abo bokka abeetegefu be balimanya nga Azze. Abantu balibulawo bubuzi. Tebalimanya kiki kyabatuukako. Balikwakkulibwa bukwakkulibwa batwalibwe, mangu ago, era balibulawo bubuzi. "Okuwanyisibwa amangu ddala, mu kutemya ekikowe." N'olw'ekyo weetegekere ekyo. Kiriba kya ntiisa nnyo okukeera enkya nga omwagalwa wo talabikako, nga tewali n'omu amanyi gy'ali. Tekiriba kibi nnyo okukimanya nti kibaddewo naye nga kikuyiseeko? N'olw'ekyo weekuumire mu maaso ga Katonda.

16 Kati, wiiki ejja, Mukama nga ayagadde, Mmande ejja, wiiki ya Mmande eno nga evuddeko, Katonda nga ayagadde, ŋŋenda kuzzaayo ab'enju yange mu Arizona gye basomera, oluvannyuma nze—nze nkomewo.

17 Kati, ssitera kugendayo eyo . . . Ssirinaayo nkuŋŋaana zonna ze mbeeramu erudda eyo. Ssitera kubeera mu Arizona.

Mbaako awalala we nnina okugenda. Nja kutwalayo mukyala wange, Mmande ejja. Nkomewo wano nate. Nsitule okuva wano okugenda mu British Columbia. Nkomewo nate mu Colorado. Mu Arizona ndiddamu okubaayo nga Ssekukkulu esembedde, mmaleyo obudakiika butono, ekinene ennyo . . . oba oli awo ennaku nga bbiri oba ssatu, nkuŋŋaanye ab'amaka gange, tukomewo wano okuyita mu ggandaalo lya Ssekukkulu, Mukama nga ayagadde, tubeere wano n'olukuŋŋaana okuyita mu wiiki y'omwaka omuggya.

18 Kale n'olw'ekyo, wano, mbeerawo nnyo. Wano mbeerawo emirundi kkumi okusinga bwe mbeera eri, kubanga tetulinaayo kkanisa yonna yadde obuweereza bwonna eyo, tewali kye tulinayo eyo, nga, kyekuusa ku buweereza bw'ekkanisa. Obwo bwe bubi bwakyo. Ssirinaayo kifo kye nnyinza kusindikamu baana we basobola kuwulira Bubaka buno, nga abaana bammwe bwe babuwulira wano, era—era ekyo kye kizibu kyokka kye tulina. Naye bonna balamu bulungi ddala. Embeera y'obudde ya kasana, ebbugumu lingi, kyeya, naye abaana bonna balabika nga balamu bulungi ddala. Nze ssibeerayo bbanga ddene kumanya oba embeera y'obulamu nnungi oba ssi nnungi. Nze, buli kaseera mbeera mu kutambula, era ndo—ndo—ndowooza nnazaalibwa kuba mutambuze.

19 Mukyala wange ampita . . . mmanyi waali wano, kale kino nja kukyanukulira nga okusaba kuwedde, mwenna mukimanyi. Bakiyita batya ekyo, embuyaga ezibungeeta, oba embuyaga ezitawummula, oba kyonna—kyonna kye kiri, mukimanyi, omusenyu ogutwalibwa embuyaga? Oba, ka tugambe, buli kiseera mbeera mu kutambula. Era kati nnaakamala mu bufumbo, emyaka abiri-mu-ebiri, naye, oluusi, mpulira nga omugenyi ewaka, olw'okubeera mu kutambula buli kaseera.

Naye nnindiridde ekiseera lumu lwe tulibeera nga tukkalidde Eka ewaffe. Naye mu kaseera kano olutalo lukyayinda, n'olw'ekyo leka tubeere mu kusaba.

20 Temwerabira, Ssande ejja ku makya, Mukama nga ayagadde, muleete abalwadde bammwe n'abanyigirizibwa. Jangu nga bukyali, ofune ekifo kyo, era oba oli awo walibaawo ekibinja ky'ab'okusabirwa. Kijja kutwetaagisa okugaba kaadi z'ab'okusabirwa. Bwe baliba abatono, tetuligaba kaadi za baakusabirwa, bwe baliba abatono nga basobola okusimba obusimbi olunyiriri olutonotono nga bawera nga abiri mu bana oba asatu mu mukaaga, oba bwe batyo. Naye tu—tuyinza okugaba kaadi z'ab'okusabirwa, n'olw'ekyo tuyinza okukikola nga wabulayo essaawa nga emu olukuŋŋaana olwa bulijjo lutandike, kye ndowooza nti kitwala . . . Ku ssaawa bbiri, bbiri oba bbiri kitundu, baliba bagaba kaadi z'ab'okusabirwa; baliggulawo ekkanisa, bagabe kaadi z'ab'okusabirwa Ssande ejja ku makya. Kale mukakase nti mubeera wano ku lwa . . . Muleete abaagalwa bammwe, mubayingize munda. Mu kkanisa

waliba walungi era nga waweweevu, bwe baba balwadde, era tulikola kyonna kye tusobola okubasabira.

21 Mwebale nate, olw'ekiwebwayo eky'okwagala.

22 Era kaakano tugenda kubaako kye tusoma mu Kigambo kya Katonda, akawungeezi kano, era mwetegekere ekiddako kino eky'Okubeerawo Kwe nate okutuleetera Ekigambo Kye. Kati, tukimanyi nti ffe tusobola okubaako ekitundu kye tusoma, naye Katonda y'alina okutubikkulira amakulu agakirimu. Mukiraba? Tusobola okubaako ekitundu kye tusoma, naye Katonda y'alina okutubikkulira amakulu agakirimu. Kati nga bwe mubikkula mu Kitabo kya Yeremiya, essuula ey'oku 2 . . .

23 Njagala okwogera nti ndi musanyufu okuba nti tulina, wamu naffe, Ow'oluganda Lee Vayle, ow'oluganda ow'omuwendo mu Mukama waffe. Era ndowooza wano, ow'oluganda ono wano, ssisobola kujjukira linnya lye, Ow'oluganda Willard Crase. Ndabye n'ab'oluganda okuva mu Arkansas, Ow'oluganda John n'abalala, okuva mu bitundu by'e Poplar Bluff, Ow'oluganda Blair. Ne, ha, Ow'oluganda Jackson, n'Ow'oluganda Ruddell, n'abalala bangi be si—ssisobola ku . . . Nnyabula ssinga mbadde nsobola okwogera erinnya lya buli omu, naye ssisobola kukikola, era mukitegeera. Ow'oluganda Ben Bryant, mmulaba atudde wano; oyo y'atera okuba akasonda kange akavaamu amiina bwe mba . . . Buli muntu ategeerera Ben ku ddoboozi lye. Uh-huh.

24 Bwe, twali mu California lumu, nnina Obubaka bwe nnali mbuulira eri Ababaputisiti eyo mu kikko. Baalina weema ennene, nga mulimu Ababaputisiti ab'ebitiibwa bangi nnyo. Nga ssiwulirayo "amiina" awantu wonna; omanyi, abakazi abamu batya nti langi gye beesiize esobola okusanguka. Kati, mba ndi awo, ne ndaba ebigere bibiri nga bisituka bwe *bityo*, waggulu mu bbanga, n'emikono ebiri eminene, n'enviiri enzirugavu nga zeewuuba, n'okuleekaana nti, "Amiina," okuleekaana bwe kutyo. Ne ntunulayo, ne ŋŋamba nti, "Ben, wavudde wa?" Nga "amiina" agikubira ddala.

25 Ne ndaba mukyala we nga amukuba eriiso, mpola mpola. Weewaawo, enviiri ezo enzirugavu zigenda zimuggwaako, naye ekyo tekirina mutawaana, mukimanyi. Tekikweraliikiriza. Nange, ezange zanzigwaako, ebbanga ddene eriyise.

Kale, kati, temwerabira okusaba.

26 Kaakano nga bwe tugenda mu kitundu ekisinga okwetaagisa obwesimbu mu lukuŋŋaana, mujjukire nti, bwe tusoma Ekigambo, Katonda aba ajja kuwa omukisa Ekigambo Kye. "Tekijja kudda gy'Ali nga kyereere, wabula kijja kutuukiriza ekigendererwa ekyo kye kitumiddwa okukola." Era nkimanyi nti, mu kusoma Ekigambo, bulijjo nja kubeera mutuufu. Bwe nsoma Ekigambo, Katonda ajja kussaamu Ekigambo Kye ekitiibwa.

27 Kaakano tuyimirire okussaamu Ekigambo Kye ekitiibwa. Yeremiya, essuula ey'oku 2, ennyiriri olw'e 12 n'e 13 eza Yeremiya 2.

> *Samaalirira ekyo, Ggwe . . . eggulu, otye ekitatiika, owubaale nnyo, bw'ayogera* MUKAMA.
>
> *Kubanga abantu bange bakoze ebibi bibiri; bandese nze oluzzi* olw'amazzi *amalamu,* era beesimidde *ebidiba, ebidiba ttanka z'omu ttaka, ebitayinza . . . kubaamu mazzi.*

Tukoteke emitwe gyaffe kaakano.

28 Ai Katonda omwagalwa, Ekigambo Kyo kisomeddwa. Era tukusaba otuukirize Ekigambo ekyo, era otuwe akawungeezi kano olugero oba eky'okukigeraageranya nakyo; nga bwe tulaba mu biro ebyayita, Isiraeri, nga bwe baali eby'okulabirako, nga Bayibuli bw'etuyigiriza nti tusobola okulaba bye wabakolera bwe baagondera Ekigambo, ne tulaba ne bye wabakola nga bajeemedde Ekigambo, ne tutegeera kye tuteekwa okukola. N'olw'ekyo, tukusaba oyogere naffe akawungeezi kano mu ngeri ey'enjawulo ddala, tusobole okutegeera engeri y'okweyisaamu mu nnaku zino, ze twayizeeko enkya ya leero ze tulimu. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Musobola okutuula.

29 Akawungeezi kano njagala okwogera ku ky'okuyigako, okumala a—akaseera akampi ku: *Ttanka Z'omu Ttaka Eziwomoggose.*

30 Isiraeri baali bakoze ebibi bibiri ebinene. Katonda agambye nti baali bamuvuddeko, Ye Ensulo ey'Obulamu, nga beesimidde ttanka ez'omu ttaka okunywa okuva mu ezo. Kati nno, eyo nsonga nkulu.

31 Ensonga lwaki nnalowoozezza okusoma ekitundu kino yabadde nti kyabadde kijja kukwataganira ddala ne kye nnabadde njogerako enkya ya leero, ekikwata ku kiseera kye tulimu, n'Ensonga gye tulafuubanira.

32 Kati tutunuulira Isiraeri nga eky'okulabirako, nti, ekyo Katonda kye yali, lubeerera alina okusigala nga ky'Ali. Era waliwo ekintu kimu kyokka Katonda kye yali assizzaamu ekitiibwa, era ekyo, lye kkubo Lye lye yateerawo abantu. Era bwe baavanga mu kkubo eryo, Katonda yabanga aweebuddwa, era Katonda abantu yabaleeteranga okubonaabona olw'okuva ku ekyo kye yali abagambye okukola, ne bwe kyabanga kiki.

Yatuuka n'okubawa amateeka, "Kino temukikwatangako, kino temukikomangako, kino temukiregangako." Nga tagabawa lwa kibi kiri mu kukikola, wabula olw'ekibi ekiri mu kujeemera ekyo kye yagamba okukola. Era bulijjo tewasobola kubeerawo tteeka nga etteeka teririiko kibonerezo bwe limenyebwa. Kubanga, bwe watabaawo kibonerezo, olwo, etteeka teriba nnyo

na makulu okuggyako nga liriko ekibonerezo bwe limenyebwa. Etteeka!

33 Kati, tukizuula nti, kye baakola mu biro ebyo kirabika nga kifaanana ne kye tukola leero, bannakkanisa kye bakola.

34 Kati tulabawo ekintu ekyewuunyisa wano. Abantu abamu kiyinza okubeewuunyisa, bwe yagamba nti, "Mwesimidde, beesimidde ttanka z'omu ttaka, ttanka z'omu ttaka eziwomoggose." Kati, oba oli awo abamu ku mmwe muyinza okuba temumanyi ttanka ya mu ttaka. Bameka abamanyi ttanka y'omu ttaka? Kale, kyenkana abasinga obungi. Omuntu yenna eyali abaddeko ku ffaamu, amanyi ttanka y'omu ttaka. Nzijukira nnina gye nnanywako obuwuka obuwera, o—okutegeerera ddala tta—ttanka y'omu ttaka ky'eri.

Nnina gye nnabuulirako eyo mu kyalo, mu kidaala ekiserekeddwa n'ebikoola by'emiti, gye mwabeeranga n'ettogero eddene omujjudde amazzi g'ekidiba nga liri awo, agaavanga mu—mu nkuba, era nga bwe mumanyi, nga lyonna likaddiye. Nga—nga n'obuwuka, ekiro, buligwamu. Kale n'olw'ensonga eyo amazzi ga ttanka y'omu ttaka ngamanyi.

35 Tta—ttanka y'omu ttaka kye ki—kifo, kye kintu ekisimibwa mu ttaka, okukola nga oluzzi. Mu bitundu eyo abantu gye batalina luzzi, basima tta—ttanka ey'omu ttaka. Amakulu nti, ttanka y'omu ttaka kiba kidiba ekikoleddwa obukolebwa, oba oluzzi lw'omu ttaka olusimiddwa, abantu lwe basima, okusobola okulembeka amazzi, a—ag'okukozesa. Abamu bagakozesa nga amazzi ag'okwozesa, ate abalala ne bagakozesa nga amazzi ag'okunywa, ne mu ngeri ez'enjawulo, oba oli awo. Amazzi gonna oluusi, ge twafunanga, gaavanga mu ttanka. Twabeeranga n'ekintu ekikadde kye walinanga okunyoola, n'onyoola, n'onyoola, n'onyoola, n'onyoola, okusobola okutuusa amazzi waggulu; nga kiriko obulobo, bw'okozesa okuggyayo amazzi wansi mu ttanka.

36 Kale, tulabawo ekintu kimu ekyawula ttanka y'omu ttaka ku luzzi. Kati, ttanka y'omu ttaka ekalira. Tta—tta—ttanka y'omu ttaka tesobola kwejjuzzaamu mazzi ku bwayo. Te—te . . . Teyesigika. Ttanka y'omu ttaka tosobola kugyesigamako. Nayo erina kulindirira nkuba etonnya mu biseera eby'ebbugumu oba mu biseera eby'obutiti, wonna w'etonnyera oku . . . Ebiseera ebisinga, mu biseera eby'obutiti enkuba n'omuzira bwe bijja, ne biryoka bikulukusa amazzi okugatwala mu ttanka. Era bw'etafuna mazzi ago, olwo to—toba na mazzi yadde. Yonna—yonna . . . ekalira. Ate tesobola kwejjuzaamu mazzi. Ttanka eyo tesobola kwejjuzaamu mazzi. Amazzi agajijjulamu egafuna kuva ku—ku nkuba etonnya.

37 Nnina n'ekintu ekirala kye njagala mulabe ku ttanka y'omu ttaka. Ebiseera ebisinga, osanga nti, oba nga bwe kyali ewaffe, ttanka y'omu ttaka . . . Ebiseera ebisinga ekiyumba ky'ebisolo

kiba kikubisaamu obunene bw'ennyumba emirundi ebiri, era amazzi batera kugalembeka kuva ku kiyumba kya bisolo, okugenda mu ttanka. Nzijukira bulungi ttanka eyo enkadde, bwe yali . . . e—engogo bwe zaagakulukusanga, okuviira ddala, ku kiyumba ky'ebisolo. Yajjulangamu amazzi okuva ku kiyumba ky'ebisolo.

Kati amazzi gaakulukutanga okuva ku mabaati g'ekiyumba ky'ebisolo; ensolo, bwe zaalinnyiriranga awo wonna mu kiraalo, awo kacica yenna ow'ekiraalo n'akuŋŋaanira waggulu ku kiyumba ky'ebisolo, mu biseera eby'omusana. Kati enkuba bwe yatonnyanga nga byonna ebyozaako ku mabaati, nga bikulukutira mu lugogo olwakolebwa omuntu, ne bidda mu mudumu ogwakolebwa omuntu, bimaliriza biri mu ttanka y'omu ttaka eyakolebwa omuntu. Kati bw'obeera ne ttanka y'omu ttaka, bw'otaba na kavuyo, ky'oba nakyo mba ssikimanyi. Yee, ssebo! Ekintu kyonna kyakolebwa muntu, era kicaafu ddala.

38 Omanyi, twakiyitanga . . . Twabeerangako n'ekiwero ekisengejja obucaafu. Mwakimanyaako ekyo kye kyali? Twalinanga okugiteekako ekiwero ekisengejja, okusobola okuziyiza obuwuka bwonna n'ebintu ebyavanga waggulu ku mabaati g'e—g'ekiyumba ky'ebisolo, n'okwetooloola ekifo kyonna, ebyakulukutanga okuva mu bifo eby'enjawulo, ne biggwera mu ttanka. Era twateranga okugiteekako e—ekiwero ekisengejja, okusobola okukwata e—ebisasiro byonna ne kacica gwe twasobolanga okukwata. Weewaawo, ekyo kyabanga tekisobola kukwata bucaafu buli bwennyini, kyakwatangako gano agantu aganene agaakulukutanga ne gagigwamu. Ekiwuka oba oli awo kyakwatibwanga, wabula oluzzizzi oluva mu kiwuka lwo lwagenderanga mu mazzi. Kale, wa—wabeeranga na kavuyo kennyini bwe wabeeranga ne ttanka enkadde enjama.

39 Mu nnaku ntono, nga ssinga oleka amazzi ago ne gasigala awo, nga galegama. Bw'oleka amazzi ne gasigala mu ttanka y'omu ttaka, galegama. Ne gajjulamu e—ebikere, n'eminya, wamu n'emisota. Twabuyitanga "bukulwe," nga butono . . . Ssimanyi oba nga . . . Tebuba buwuka obunyunyunsi, buba . . . Ssisobola, simanyi ky'oyinza kubuyita. Naye kaba kantu akatono akayingira mu mazzi, ke—ke twayitanga akakulwe. Mukamanyi. Bameka abamanyi kye njogerako? Ha, weewaawo, ddala, mwenna abava mu byalo mukimanyi. Gajjulamu bino byonna ate nga tegatambula, kati olwo bino ebyagala amazzi agalegamye ne bijja. Bijja buzzi, kubanga gaba tegakulukuta. Era olw'okuba gaba galegamye, gasikiriza ebitonde ebyo byonna ebinyumirwa okubeera mu bintu ebiregamye.

40 Era ekyo kifaananamu nnyo n'amakanisa gaffe leero. Muli ndowooza nti tuvudde ku . . . Ekimu ku bibi ebinene ekkanisa by'ekoze leero, okufaananako ne Isiraeri kye yakola mu biro biri, emuvuddeko Oyo, Ensulo ey'Amazzi amalamu, ne beesimira ttanka ez'omu ttaka ezikolebwa abantu. N'efuuka ekisulo kya

buli kintu ekyettanira amazzi bwe gatyo. Eminya, ebikere, n'obuwuka obucaafu bwonna obuleeta endwadde, byonna bibeera omwo, kubanga ttanka eyakolebwa omuntu obuntu. Era mu ttanka eno ebintu bino mwe bibeera, ekifaananyi kyennyini ekyoleka ebibiina by'amadiini gaffe ensangi zino.

41 "Kati," oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, lwaki abantu abo obakaayuukira nnyo?"

Kigwanidde okukubibwa. Kiteekwa okukubibwa. Mukidduke, kubanga kijja kumaliriza nga kikoze ekifaananyi ky'ensolo. Mujjukire nti, ago ge Mazima! Ekyo kye kijja okuba akabonero k'ensolo. Ebibiina by'eddiini bijja kukomekkerereza mu ekyo. Ekyo kye byolekedde we twogerera, okuwaliriza, nga bikozesa obuyinza.

42 Weetegereze mu bwakabaka bwa Rooma obw'edda. Ekyo kyennyini kye kyabatuusa ku kabonero ako ak'okubula. Okiraba nti tewali muntu yenna yali asobola kugula yadde okutunda nga talina kabonero ka nsolo. Yali alina okuba nako.

43 Waliwo ebika by'abantu bibiri byokka ebinaabeera ku nsi: abo abalina Akabonero ka Katonda, n'abo abalina akabonero k'ensolo. Ebika bibiri byokka, n'olw'ekyo oliba olina okubaako n'akamu ku bwo. Kuliba kuwaba, a—akabonero k'e—k'eddiini, eddiini ey'okubula.

44 Era erikolera n'ensolo ekifaananyi. Nga bwe tuba tuyiga, tukiraba nti Rooma yali, ne kaakano eri, era ebbanga lyonna ejja kubeera, akabo-. . . manya, ensolo. Bwe kiri ddala. Tewali ngeri yonna ya kugifuula kintu kirala kyonna. Rooma!

45 Kati Rooma kiki kye yakola? Yakyusibwa okuva mu kubeera Rooma enkafiiri n'efuuka Rooma ekulemberwa ppaapa, n'egunjaawo enkola ey'obuntu, enkola ebuna ensi yonna, eyawaliriza buli muntu okwegatta ku ddiini eyo yokka oba si ekyo okuttibwa.

46 Era kyewuunyisa nnyo okulaba Amerika eno nga erabisibwa, nga ate eri mu kifaananyi kya mwana gwa ndiga. Nga omwana gw'endiga guno gulina obuyembe bubiri obutono, eddembe ly'abantu n'eddembe ly'okusinza. Ate oluvannyuma lw'akaseera, ogwali omwana gw'endiga, twakiraba nti ate oluvannyuma gwayogera nga ogusota era ne gukozesa amaanyi gonna ogusota gwe gaalina ogwagusooka. Era Bayibuli etugamba nti baagamba nti, "Leka tukolere ensolo ekifaananyi." Ekifaananyi kye kintu ekifaanana ekirala. Era tusobola okukiraba kaakano nti, mu mbeera yaayo ey'okubula, ekkanisa eri mu kuteekawo Akakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, nga ako kye kifaananyi eri amaanyi ga Rooma; era nga kajja kukakaatikako ku bantu ekintu kye kimu Rooma enkafiiri kye yakola. . . manya Rooma ekulemberwa ppaapa kye yakola. N'olw'ekyo, tewali ngeri ndala yonna, tewali kintu kirala kyonna. Wabula ago ge Mazima.

47 Era eyo ye nsonga lwaki nkikuba mu mulembe gwange, mu kiseera kyange, kubanga kiteekwa okukubibwa. Okukoowoola kwajja nga kugamba, nti, "Mukifulumemu, mmwe abantu Bange, muleme okugabana ku bibi byakyo!"

48 Kati, ekyo nkifaananyiriza ne ttanka zino enjama, encaafu. "Ye ye Nsulo ey'Obulamu. Ye Mazzi amalamu." Naye abantu Ekyo bakivaako, ne beesimira ebidiba ebirembeka obulembesi kazambi omwereere. Ekyo kye kyokka kye bisobola okulembeka. N'enkola y'eddiini ekyo ky'ekola; bamala gakuŋŋaanya buli kimu kyonna ekijja nga kyagala okubeegattako. Babeera beetegefu okukiyingiza kasita kiba nga kirinamu ku nsimbi, oba nga kirina engeri gye kyambalamu. Tebafaayo oba y'ani, ava wa, bamala, gamusembeza, awatali kwebuuza.

49 Kati tulaba, nate, nti, akabonero k'ensolo kano akaakolebwa wano . . . Amerika eri nnamba kkumi na ssatu. Yatandika n'amatwale kkumi n'asatu. Yalina bendera nga eriko emmunyeenye kkumi na ssatu, n'ebikuubo kkumi na bisatu. Era erabikira ne mu Kubikkulirwa essuula ya 13. Era Amerika okuva edda n'edda lyonna abaddenga mukazi, nga ekifaananyi kye kye kiri ku binusu byaffe. N'omutwe gw'Omuyindi, oguli ku nnusu, kifaananyi kya mukazi. Ekyo tukimanyi, tumanyi ebyafaayo ebikikwatako. Buli kimu kyonna, Ekide ky'Eddembe, n'ebirala byonna, eddembe . . . Ekibumbe ky'Eddembe bwe kiri, buli kimu kyonna, mukazi. Omukazi; nnamba kkumi na ssatu. Mukiraba? Kati, ki—kirungi okulaba ebintu ebyo.

50 Kati nnalagula olw'okubikkulirwa okuva eri Katonda, manya okwolesebwa mu 1933, nti waliwo ebintu musanvu ebyali birina okubaawo nga enkomerero tennatuuka. Nga, ekimu ku byo, kyali nti, "Mussolini, mu kiseera ekyo eyali ajjirira okufuuka nnakyemalira, yali agenda kufuuka nnakyemalira; era, akole olulumba aserengete mu Esiyopiya era awambe Esiyopiya; era Omwoyo, yagamba nti, 'yali ya kumuvunnamira.'"

51 Ssimanyi oba nga wakyaliwo n'omu ku bakadde be twabanga nabo edda mu kkuŋŋaaniro, abajjukira ekyo nga nkyogera emmanga eri mu Kizimbe kya Redman bwe twali tubuulira, emyaka, mingi nnyo egiyise. Wakyaliwo omuntu yenna mu kizimbe muno, akawungeezi kano, akyaliwo ku abo abaali emmanga ku Kizimbe kya Redman ekyo lwe nnakibuulirako, we baatandikirawo N.R.A., emabega eri mu biseera by'ekisanja kya Roosevelt ekyasooka? Ndowooza tewali n'omu wano. Waliwo omuntu yenna? Weewaawo, weewaawo, omu, waliwo omu. Weewaawo, Muky. Wilson, mmujjukira. Ne mukyala wange, atudde emabega eri. Babiri be basigaddewo, ku mulembe omukadde ogw'abo abaaliwo mu kiseera ekyo.

Awo, we baagambira nti N.R.A. eno ke kaali akabonero k'ensolo, ne ŋŋamba nti, "Tekalinaako kakwate; yadde

n'akatono. Akabonero k'ensolo tekava wano. Kava mu Rooma. N'olw'ekyo tesobola kuba nti ke kabonero k'ensolo."

52 Era kati mujjukire nti ebintu bino byayogerwa. Kyayogerwa nti, "Adolf Hitler yali wa kukomekkereza mu ngeri etategeerekeka. Era yali wa kulangirira olutalo ku Amerika. Era baali baakuzimba ekintu ekinene—e—ekinene ddala eky'enkokoto, bakibeeremu n'okukibeeramu. Era awo wennyini Abamerika baali baakukubibwa bubi nnyo ddala, ku kintu kino." Era eyo yali nsalo ya Siegfried, emyaka kkumi na gumu nga tennaba na kutandika kuzimbibwa. N'alyoka agamba nti, "Naye yali wa kutuuka ku nkomerero ye; ne Amerika olutalo yali ya kuluwangula."

53 Ne kyongera ne kigamba, nti, "Waliwo enkola z'eby'obufuzi ssatu: Obwannazi, obwannakyemalira, n'obwannaakalyak'ani." Ne ŋŋamba nti, "Zonna zijja kuwunzikira mu bwannaakalyak'ani. Russia kyonna y'ejja okukyezza, mu bwannaakaly'akani."

54 Ne ŋŋamba nti, "N'ekirala ssayansi agenda kuyitimuka nnyo, omuntu agenda kugeziwala nnyo ddala, okutuusa lw'anaavumbula ebintu bingi atuuke n'okukola emmotoka efaanana nga eggi, eriba n'ekintu nga ekirawuli waggulu ku yo, era nga eriba evugibwa maanyi ga njawulo so si siteeringi." Era emmotoka eyo bagirina.

55 Ne ŋŋamba nti, "N'empisa z'abakazi baffe zigenda kusiiwuka mu bintu eby'obugwenyufu, okutuusa lwe banaabeera ekivume eri amawanga gonna. Bajja kwambala engoye z'abasajja. Bajja kwongera okwambulamu engoye zaabwe okutuusa lwe banaatuuka ekiseera nga obugoye bw'omunda balinga bwe bambadde kungulu, bwokka. Era, ku nkomerero ya byonna, bajja kutuuka nga bambala kakoola ka mutiini kokka."

Bwe weetegereza, mu katabo ka *Life* magaziini ak'omwezi oguwedde, baalinamu ekifaananyi ky'omukazi eyeesibye obukoola bw'omutiini. Era ekyo kye kiteeteeyi ekipya ekyambalwa akawungeezi, oba gawuni, gye bambala akawungeezi; nga etangaala, oyisaamu amaaso, nga obukoola bw'omutiini bwo bubikkako katundu butundu ak'omubiri gwe; nga tekiriiko busipi, manya obukoba obusiba, nga ekitundu ekya waggulu, bugoye obuwugirwamu obw'obuguwa, nga omubiri gwonna guli kungulu. Era nga kyewuunyisa okuba nti ebintu ebyo bibaddewo!

56 Ne ŋŋamba nti, "Nnalaba omukazi eyasituka mu Amerika, nga afaanana nga nnabakyala ow'ekitiibwa oba ekintu bwe kityo. Era yali alabika bulungi nnyo okutunuulira, wabula nga mu mutima gwe mubi nnyo. Era n'aleetera eggwanga okutambulira, ku ntoli ze."

57 Ne ŋŋamba nti, "Oluvannyuma lwa byonna, n'Aŋŋamba nziremu ntunule Ebuvanjuba. Era, bwe nnatunulayo, ne ndaba, ekyali kifaanana nga, bw'onaagamba nti, ensi yali eyabise. Era mu byonna bye nnasobola okulaba, waaliwo bitiititi byokka, n'e—n'enjazi ezibengeya ezaali zitulise okuva wansi mu ttaka."

Nga bino byali bya kubaawo nga enkomerero y'ensi tennabaawo. Era bitaano ku ebyo omusanvu bibaddewo, mu myaka asatu mu esatu. Awo we tuli, nga tukomyewo ku biseera eby'enkomerero!

58 Era nnavumirira enkola y'ebibiina by'amadiini ne mu kiseera ekyo. Era nkyakkiriza, n'akawungeezi kano, nti enkola eyo kinnya kya kazambi, kifo kazambi mwakulukutira. Ssisobola kukkiriza nti Katonda asobola okutwala ekintu ekifaanana bwe kityo nga Ekkanisa Ye, kubanga erina okusooka okuzaalibwa Omwoyo wa Katonda n'erongoosebwa nga tennayitibwa Yiye. Omubiri gwa Kristo ogutalabika, tubatizibwa okuguyingiramu okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

59 Weewaawo, enkola eno eya ttanka y'omu ttaka kyakulabirako kyennyini eky'ekibiina ky'eddiini. Omuntu ow'amagezi asaanidde okwegendereza, obutakiyingirangamu, kubanga Katonda akikakasizza okuyita mu mirembe egy'enjawulo nti Akiwakanya era takolagananga nakyo. Ekibiina kyonna . . . Ku buli mulundi omusajja bwe yasitukanga n'obubaka, okugeza nga Luther, Wesley, oba n'abalala bonna, ne Smith, ne Calvin, n'abalala, bwe baatandikanga okwekolamu ekibiina ekikulemberwa omuntu, Katonda ekintu ekyo yakissanga ku masa era teyaddangamu kukikyalira nate mu kudda buggya.

60 Noonyereza mu byafaayo. Tewabangawo kiseera kyonna Katonda lwe yali akozesezza kibiina kya ddiini, n'akola okudda buggya nga asinziira mu kyo, tekibangawo. Era, okuyita mu byafaayo ne mu Bayibuli, bikakasa nti kintu kicaafu mu maaso ga Katonda, n'olw'ekyo sikyetaagira ddala n'akatono. Era eyo ye nsonga lwaki nkirwanyisa. Ngezaako kuggyayo bantu bakifulumemu.

61 Twanirizibwa, nga bwe kyali mu Isiraeri, bwe kiri ne kaakano, okutunuulira Isiraeri nga eby'okulabirako. Bo, bwe baanywereranga ku Nsulo eyo, baabeeranga mirembe. Naye bwe baatandika okwesimira ttanka ez'omu ttaka, enkola ez'abantu obuntu, awo Katonda n'abaleka ttayo. Naffe Ajja kutukola ekintu kye kimu. "Bamuvuddeko, Oyo Ensulo ey'amazzi amalamu." Okwo kwe kwemulugunya Katonda kwe yabalinako. "Okwekolera ekintu kye basobola okusongako ne bagamba nti, 'Mulaba kye tukoze!'"

62 Kati, mu biseera by'o—by'olugendo lwa Musa; Katonda, olw'ekisa, bwe yabawa nnabbi, n'abawa Empagi y'Omuliro

okubakulembera, n'agikakasa okuyita mu bubonero n'ebyewuunyo. Ekisa kye kyali kigabiridde ebintu bino byonna. Isiraeri baasigala baagala, baalaba tteeka. Baagaana ekisa, ne batwalamu etteeka.

Ekyo kyennyini abantu kye bakola ne leero. Bagaana Ekigambo, ne batwala enkola y'ekibiina ky'eddiini, kubanga mu yo basobola okukola buli kyonna kye baagaala ne watabaawo abakuba ku mukono. Naye ekyo tosobola kukikolera mu Kristo! Oteekwa okwatula ebyonoono byo era n'oba mwerufu, okusobola okuba mu Kristo.

63 Okulekawo oluzzi olw'ensulo, okugenda n'enkola ey'abantu obuntu oba ttanka ey'omu ttaka, teebereza omuntu okukola ekintu ekifaananako bwe kityo? Osobola okukubamu akafaananyi embeera y'obwongo bw'omuntu anywa ku luzzi olw'ensulo ate n'aluvaako n'agenda okunywa ku ttanka y'omu ttaka ejjuddemu ebikere, n'eminya, n'obukulwe, na buli kimu kyonna?

N'okuwulikika tekiwulikika nga ekirimu amakulu, kyokka ky'ekyo kyennyini abantu kye bakoze. Bavudde ku Kigambo, Ensulo eya nnamaddala ey'ensibuko ya Katonda n'Amaanyi, ne bagenda okunywa ku ttanka ez'omu ttaka, ne beesimira ttanka ez'omu ttaka. Nga era bwe baakola mu biro biri, bwe bakoze ne kaakano. Bagamba . . .

Yagamba nti, "Banvuddeko Nze." Wano yagamba mu Yeremiya 2:14, oba 13, manya. Yagamba nti, "Banvuddeko Nze, Ensulo ey'Amazzi amalamu."

64 Kati, tulabye ttanka y'omu ttaka ky'eri. Tulabye by'ekuŋŋaanya. Tulabye bw'ekolebwa. Kintu ekikolebwa abantu ekikuŋŋaanya amazzi agava ku bbaati eccaafu. Amazzi agakulukuta wansi, gasooka kutonnya ku bbaati eccaafu, ne gooza kacica yenna okuva ku bbaati, ne gamukulukusa okutuuka mu lugogo olwakolebwa omuntu, n'ayita mu mudumu ogwakolebwa omuntu, okutuuka mu ttanka y'omu ttaka omuntu gye yakola. Kasasiro yenna n'akuŋŋaanira omwo, n'o— n'obuwuka obuleeta endwadde, n'eminya, n'ebikere, n'ebintu byonna eby'okuttaka, ebiringa ebyo. Ate, wekkaanye, ebyo bye bisolo ebitali birongoofu; obukulwe, mu mazzi agalegamye. Akakulwe tekasobola kubeera mu mazzi matangaavu. Bwe kagabeeramu, gayinza okukatta. Kalina kubeera mu mazzi galegamye.

65 Era bwe kityo bwe kiri ne ku bangi ku bano abanyunyusi b'ennaku zino. Temusobola kubeera mu mazzi amayonjo ag'Omwoyo Omutukuvu. Eyo ye nsonga lwaki Ekigambo bakirwanyisiza ddala nga bwe basobola, ne bagamba nti, "Kyekuba empawa. Tekirina makulu." Lwa kuba beetaaga okubaako n'ekidiba ekirimu amazzi agalegamye mwe basobola okwenyogootolera. Kituufu.

Bwe kityo bwe kiri ne ku bikere, ne ku minya, ne ku bukulwe, n'ebiringa ebyo. Birina okubaako we bigenda awali olutobazzi oba ekidiba ekirimu amazzi agalegamye, okusobola okubeera omwo, kubanga bwe butonde bwabyo okubeera omwo. Ate tosobola kukyusa nsolo okutuusa nga okyusizza obutonde bwayo.

Era tosobola kuleetera muntu kulaba Kigambo kya Katonda okutuusa nga obutonde bwe bukyusiddwa; era obutonde bwe bwe bukyusibwa okuva mu ekyo ky'ali, n'afuuka Omwana wa Katonda, awo Omwoyo Omutukuvu nga alyoka amuyingiramu. Omwoyo Omutukuvu ye yawandiika Ekigambo kya Katonda!

66 Leero nnabadde njogera ne mukwano gwange omulungi, Dokita Lee Vayle, ali wano kaakano. Era musajja eyasomerera eby'eddiini nnakinku, kale tutera okuba n'o—n'okukubaganya ebirowoozo okulungi ennyo okukwata ku Byawandiikibwa. Musajja mugezi nnyo.

Kati lumu yambuuza kiki kye ndowooza ku bukakafu obusinzirwako okulaga nti omuntu afunye Omwoyo Omutukuvu, "Kwogera mu nnimi?" Yakimbuuza emyaka mingi egiyise.

Ne ŋŋamba nti, "Nedda; ekyo ssirina we nkiraba."

N'agamba nti, "Nange bwe ntyo," n'agamba nti, "newankubadde nga bwe ntyo bwe nnayigirizibwa." N'agamba nti, "Kiki ky'oyinza okulowoozaako okuba obukakafu?"

67 Ne ŋŋamba nti, "Obukakafu obw'enkukunala bwe nnyinza okulowoozaako kwe kwagala." Ne tutandika okwogera kw'ekyo.

Kati ne ndowozaamu nti ekyo kiwulikise bulungi ddala era ne nnywereera kw'ekyo nti, "Omuntu kasita aba n'okwagala."

Naye lumu, mu kwolesebwa, Mukama n'ampabula. Era n'Agamba, nti, "Obukakafu bw'okuba n'Omwoyo beebo abasobola okusembeza Ekigambo," si kwagala, newankubadde okwogera mu nnimi, wabula kwe kusembeza Ekigambo.

68 Oluvannyuma Dokita Vayle yali aŋŋamba nti, ekyo, "Kiri mu Byawandiikibwa," yagamba nti, "kubanga, mu Yokaana 14, Yesu yagamba nti, 'Omwoyo Omutukuvu bw'Alibakkako, Alibabikkulira ebintu bino, bye mbayigirizza, era alibalaga ebintu ebigenda okubaawo.'"

N'olw'ekyo obwo bwe bukakafu obwannamaddala obw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu! Talina kikyamu kyonna kye yali ambuulidde. Ekyo, "Bwe bukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu, ye muntu oyo asobola okukkiriza Ekigambo." Nga osobola okukisembeza.

Kubanga, Yesu teyagambako nti, "Omwoyo Omutukuvu bw'alijja, mulyogera mu nnimi." Teyagambako, nti Omwoyo Omutukuvu bw'aliba azze, mulikola ekimu ku bino. Wabula yagamba nti, "Alitwala ku bintu bino Ebyange n'abibalaga, era alibalaga n'ebigenda okujja." Kati obwo bwe bukakafu obwa

nnamaddala obw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu, okusinziira ku Yesu Mwene.

69 N'olw'ekyo okukyamuukirira kuno kwonna n'ebintu abantu bye balina ate ne basigala mu bulamu bwe bumu, osobola okulaba ensonga lwaki babikola. Okiraba, kifuuka kibiina kya ddiini, oba ekidiba ekirimu amazzi agatakulukuta, ate tewalibaawo kibiina kya ddiini kikolebwa kusinziira ku kitatuu-. . . ku Kigambo kya Katonda ekituukiridde. Tekisobola kukikola, kubanga tosobola kulonda manya Katonda tosobola kumukolamu kibiina kya ddiini. Nedda, ssebo!

70 Ensonga lwaki kiri bwe kityo, ggwe funayo ekibinja ky'abasajja abasobola okukkiriza Ekigambo, leka batandikewo ekibiina. Ojja kuba okyali awo, mu bbanga nga lya mwaka gumu mujja kubaamu ba Ricky abawerako b'otalina na ky'osobola kukola nabo. Nga bakyefuze, tolina na ky'osobola kukolawo. Si nkola ya Katonda. Si yiye, n'olw'ekyo tuba tukitegedde nti ekintu ekyo kifudde. Kifuuka kidiba, ne kifuuka ekifo buli omu w'ajja okwekkiriranya ku *kino*, *kiri*, oba *ekirala* kyonna, okusobola okukiyingizaamu bammemba, oba okuwa omwagaanya abantu okuyingira.

71 Tukiraba nti, enkola eno erina we yatandikira mu kiseera ekimu, edda eri mu biro by'Abayisiraeri, bwe baali basima ttanka z'omu ttaka zino. Era waaliwo omusajja n'ekibinja ky'Abafalisaayo abaali basimye ttanka z'omu ttaka. Era baalina omusajja eyali ayitibwa Kerode, eyali omulangirizi, omukulu w'essaza.

N'aserengeta okuwuliriza omusajja eyali takkiriziganya na bibiina byabwe eby'amadiini. Eyali nnabbi. Era tewali nnabbi yenna yali abadde na kakwate na kibiina kya ddiini kyonna, wabula baabikyawanga. Nnabbi ono n'atanula okwogera nti, "Temugezaako okwogera mu mmwe mbu, 'Tulina Ibulayimu jjajjaffe,' kubanga mbakakasa Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusizaamu Ibulayimu abaana."

72 Ne bamuleetera omukungu amuwulirize. Kyokka omukungu ono yali yasigula muka muganda we n'amumuggyako, n'amuwasa. Naye omusajja ono bwe yamwesimba mu maaso yayogera ki? Baali balowooza nti ajja kwekkiriranya, agambe nti, "Kaakati, ssebo, ggwe, weetuulireko *wano* awalungi. Era ogwanidde oku. . . Ndi musanyufu nnyo okuba nti oli wano olwa leero okumpuliriza."

Yokaana yagenda butereevu gy'ali n'agasimbaganya naye, n'agamba nti, "Kimenya mateeka ggwe okuba n'omukyala oyo." Kyennyini kye yatandika nakyo nga ayogera, yamukaayuukira olw'ekibi kye.

73 Mulaba, ebibiina by'amadiini biba bidiba by'amazzi agalegamye omusajja omu mw'asobolera okubeera n'abakazi abawera, abakazi nabo ne beeyisa nga bwe baagala, ne basalako

enviiri zaabwe, ne bambala obupale obumpi, n'ebirala byonna, ate ne beeyita Bakristayo.

Naye Ensulo eya nnamaddala, aleruuya, ey'Amaanyi ga Katonda, tebisobola kusigalamu, kubanga ebisindika ne bifuluma ebweru. "Nze Nsulo ey'Amazzi amalamu. Banvaako, ne beesimira ttanka z'omu ttaka."

74 Kati, ensulo ey'amazzi amalamu, twagala tulabe, ensulo ey'amazzi amalamu kye kiki? Ttanka y'omu ttaka tulabye ky'eri, kati ate ensulo ey'amazzi amalamu kye kiki? Lwe luzzi olw'ensulo.

"Oluzzi olw'ensulo, kye kiki ekyo, Ow'oluganda Branham?"

Olwo lwe luzzi olukulukutira wansi mu ttaka era ne lusindika amazzi gaalwo waggulu. Buli kiseera luba lukulukuta. Lwejjuzaamu lwokka amazzi. Buli kiseera amazzi gaalwo gaba malongoofu era nga mayonjo, oluzzi olwo olw'ensulo, ensulo ey'amazzi amalamu. Si lufu n'amazzi gaalwo tegabeera mu kifo kimu. Lulamu, era buli kiseera luba lukyuka, nga luleetayo ekintu ekiggya buli kaseera, nga bwe lukulukuta, okuva mu nsulo zaalwo. Amazzi gaalwo lugajja wa—wansi mu nsibuko yaalwo, era nga eyo. . .ye nsulo ey'amazzi amalamu ageepika nga gadda waggulu. Lwerongoosa lwokka; gaba mazzi malungi, nga gatukula, era nga mayonjo. Lwejjuzaamu lwokka amazzi; teweetaaga kusooka kulinda nkuba kutonnya okusobola okujjuza ttanka yaalwo. Buli kiseera luba luvulula, nga lugaba amazzi gaalwo awatali kukakibwa. Tekikwetaagisa kulupika, kulunyoola, kulusunda, oba kulwegattako. Nsulo ya mazzi amalamu kye kyokka.

75 Omanyi, ku nzizi zino ez'edda, olina okunyoola n'onyoola n'onyoola, n'osunda na buli kimu kyonna, okufuna ku tuzzi otwo otuba tulegamidde wansi eyo otuggyeyo. Huh!

Naye Ensulo ey'Amazzi amalamu yo, egagabira bwereere, awatali kusooka kusunda, kugyegattako, oba ekintu ekirala kyonna. O, ndi musanyufu olw'Ensulo eyo! Yee, ssebo!

76 Teyeetaagako kasengejja ku Yo, okusobola okutangira obuwuka. Kubanga, esibukira ddala wansi, eri mu Lwazi, eyo awatatuuka buwuka obwo.

Teyeetaaga kubaako na kiwero kya buyigirize waggulu waayo, ekyo kituufu, enkola y'ebintu ey'ensi ey'amagezi g'ekibiina ky'eddiini; okukugamba, oluvannyuma lw'okukeberwa omusawo w'obwongo, oba nga osobola okubuulira oba nedda. Terina n'ekimu ku biwero ebyo ebijama waggulu waayo. Eba ejja kukisindikirawo bunnambiro nga waakakiteekako. Tosobola kukikola. Oluzzi olwo luba luvulula buli kiseera. W'oluteerako ekimu ku biwero ebyo, lukisindikirawo bunnambiro ne kigwa ku ludda luli oba olulala. Terina biseera bya kwonoonera ku biwero bya ddiini.

77 Teyeetaagako kasengejja, teri kisengejja, tewali bya kusunda, tewali bya kusika, tewali kintu kirala kyonna. Yo ebeera awo, nga evulula. Teyeetaaga kulindirira nkuba kutonnya mu kitundu okusobola okugijjuzaamu amazzi. *Enkuba* kwe "kudda obuggya," Ensulo eyo we. . .Ekyo kibeerawo ku Nsulo ey'Obulamu. "Awali Ennyama ensu, awo empungu we zikuŋŋaanira." Tekikwetaagisa kusundasunda kudda buggya; tolina kye weetaaga kusundasunda. Kyokka ky'olina okukola kwe kujja ku Nsulo. Buli kiseera ebeera ejjudde amazzi amalungi, amayonjo, ate tegalekera awo. Gasigala gavulula.

78 Tewetaaga kugenda ku ttanka, kugamba mbu, "Osanga, enkuba bw'enaaba etonnye n'ekulukutira ku kiyumba ky'ebisolo, tunaafuna kye tunywa." Mukiraba? Bannange, bannange! Si luno. Oluzzi olw'ensulo luvulula mazzi malungi, era agannyogoga buli kiseera. Osobola okulwesiga. Tekikwetaagisa kugenda n'ogamba nti, "Kale, nnaagenda ku kidiba kino ekikadde. Twakinywangako amazzi, naye kati ebbanga wayise ddene nga enkuba tetonnya. Nkukakasa, kyandiba nga kikalu."

79 N'ezimu ku nkola z'abantu zino bwe ziri. Osobola okugendayo, ssinga ogendayo nga waliyo ekintu eky'amaanyi ekigenda mu maaso, nga waliwo ekibbiitu ky'okubaako ne kye batunda, oba—oba nga waliwo ekintu ekigenda mu maaso, okugeza nga embaga ennene n'ebintu bwe bityo nga bigenda mu maaso, obuzannyo bwa banko, n'obubagabaga mu mwaliiro ogusembayo wansi, na buli kimu, wandisanga nga wonna wakubyeko.

Naye bw'ogenda awo Ensulo eyo w'ebeera evululira, buli kiseera, abantu babeerayo nga beenywera ku mazzi amalungi, agannyogoga. Osobola okugyesiga! Bagenda ne bagamba mbu, "Bamaze emyaka kkumi nga tebalina kudda buggya." Bw'obeera ku Nsulo eyo, Yo buli kiseera ebeera n'okudda obuggya nga kugenda mu maaso.

80 Nga musajja wattu omu ow'omu Wales bwe yagamba. Manya, lumu okudda obuggya kw'omu kitundu ky'e Wales bwe kwali kugenda mu maaso, waliwo abakungu abaali bava mu Amerika. Abamu ku ba Dokita mu by'Eddiini bano baagenda mu Wales, okumanya gye kwali n'ebyali bikukwatako. Kati baali bambadde obutogi bwabwe obwo obweru, n'enkofiira zaabwe ez'ekikungu, nga bwe baserengeta mu kkubo.

Ne wajja omuserikale omutonotono, nga bw'agenda awuuba akaggo ke mu ngalo, nga bw'afuuwa oluwa nti, "Wansi awo ku musaalaba Omulokozi wange kwe yafiira, wansi awo we nnakaabira olw'okunaazibwako ebibi; awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange, ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye," nga bw'aserengeta mu kkubo.

Kko bbo nti, “Ono omusajja alabika okuba nga mukkiriza. Tugende tumubuuze.” Ne bagamba nti, “Mukulu!”

N’agamba nti, “Wangi, ssebo?”

N’agamba nti, “Tuli wano tuva mu Amerika. Tuli babaka twatumiddwa wano. Twazze wano okunoonyereza ku kudda obuggya okw’omu Wales, nga bwe kuyitibwa. Tuli ba Dokita mu by’Eddiini, era tuli wano okukwekenneenya.” N’agamba nti, “Twagala kumanya wa okudda obuggya okwo gye kuli, na wa we bakuŋŋaanira.”

N’agamba nti, “Ssebo, mutuuse. Nze kudda buggya kwa Wales.” Amiina! “Okudda obuggya kwa Wales kuli mu nze. Kuli muno.”

81 Bwe kityo bwe kiba bw’obeera onywa ku Nsulo eyo ey’Amazzi amalamu. Ebeera nnamu ekiseera kyonna, nga evulula bw’eddiŋŋana, bw’eddiŋŋana. Terekera awo. Si bino ebya, “Genda olabe oba nga mulimu ku mazzi, oba twafunyeeyokko ku nkuba gye buvuddeko,” si by’ebyo. Eyo y’Ensulo ey’Amazzi amalamu. Nga bwe ŋŋambye, Amazzi gaayo egaweera buwa.

82 Tekikwetaagisa kugiteekako biwero, okusobola okuzuula; ebiwero by’obuyigirize, nga tonnaba kumusindika kubuulira, olabe oba nga ddala ebigambo abigattulula nga bwe birina okuba, oba nga abyogera nga bwe birina okuba, oba nga amannya g’ebintu ne zi nnakasigirwa abikozesa nga bwe bisaanye okukozesebwa, n’ebirala, ne nnakongezalinnya. Bangi ku bo ebyo tebamanyi na kye bitegeeza, naye babeera ku Nsulo kwokka, okiraba, kyokka ekyo.

83 Tekigyetaagisa kulindirira nkuba kutonnya, okugijjuza, oba okudda obuggya okubaawo, yo. Ekyo teyetaaga kukikola, kubanga amaanyi gaayo n’obulongoofu bwaayo biri munda mu yo. Awo Ekigambo we kiri, Amaanyi Gaakyo Gennyini! Omuntu bw’akikkiriza mu mutima gwe, kirimu obulongoofu bwakyo. Kirimu amaanyi gaakyo. Biri mu Kigambo mwennyini, Obulamu mwe busibuka.

84 Isiraeri bwe baakivangako, baagwanga mu mitawaana. Buli lwe baakivangako, nga bagwa mu mitawaana.

Kye kimu nga naffe kye tukola olwa leero. Okudda obuggya kasita kukivaako Ekyo, kuba tekukyagasa. Kubaako enzizi ze kwesimira, ne, oba ebidiba eby’amazzi agalegamye, ne kumaliriza bwe kutyo.

85 Naye Ye yabayambanga buli kiseera. Bwe beemulugunyiza ku Nnyanja Emmyufu, kati bwe beemulugunya. . . Kyokka nga, mw’ebyo byonna, yali yabasuubiza, nga abawadde ekisuubizo. Yandibagobedde awo wennyini baddeyo, mu ngeri gye tuyinza okukirabamu; wabula yali yasuubiza okubasomosa.

Kiki kye yakola? Abaana ba Isiraeri abo, yabawa Empagi y'Omuliro na buli kimu kyonna, okusobola okukakasa, nnabi waabwe. Ebyo ne bibakulembera okutuuka ku nnyanja. Naye era, nga bulijjo, Erwanyisibwa. Ne zireeta Falaawo n'amagye ge. Mumanyi Katonda kye yakola? Yayawuzaamu bwawuza ekidiba ekyo ekimyufu, eky'amazzi agaali gatakulukuta.

Ennyanja Enfu kye kintu ekisingayo obufu mu nsi. Nfu nnyo ddala. Amazzi gaayo tegakulukuta. Tewali kisobola kugibeeramu.

N'agyawuzaamu n'abata babe ba ddembe, ku ludda luli olulala. N'abatwala gye bataddemu kusibibwa kintu nga ekyo.

86 Mu ddungu, baakizuula nti ttanka zaali tezeesigika; tezaalimu mazzi. Beesanga, bava ku kinnya ky'amazzi ekimu nga bwe badde ku kirala. Bwe baali mu ddungu, nga enjala ebaluma okubula okubatta, nga tebalina kya kunywa. Nga bagenda ku ttanka eno wano, ekidiba; nga kyakala temuli mazzi. Ne badda mu kifo ekirala; nga nawo wakalu temuli mazzi. Nga tebasuubira nti banaafuna n'eky'okunywa.

Naye mu kifo ekitasuubirwa kubaamu mazzi mu ddungu lyonna, awo we baasanga amazzi. Gaali mu lwazi. Gaali mu lwazi. Ekifo omuntu mw'atayinza kusanga yadde ettondo ly'otuzzi, wandibadde mu lwazi wakati w'eddungu. Naye, olaba, Katonda bw'atyo bw'akola ebintu. Mu kifo ekitasuubirwa n'akatono, mu ngeri esingayo okuba eyeewuunyisa. Ekyo kye tubaddenga nakyo bulijjo.

87 Bagenda ne balowooza nti kikwetaagisa kusooka kukuŋŋaanya bibiina by'amadiini eby'amaanyi, n'obigatta wamu, n'obikuŋŋaanya wamu byonna mu lutuula lumu olw'amaanyi n'ebintu bwe bityo n'oyita enkumi n'enkumi okujja okukolaganira awamu, bonna mu kintu nga *kino*, okusobola okuba n'okudda obuggya.

Oluusi Katonda omuntu gw'akozesa abeera nnamukadde atamanyi yadde zi ABC ze, era okuva mu bantu abataasoma abatayinza na kwawula mukono gwabwe ogwa kkono ku gwa ddyo, Asobola okutandikawo okudda obuggya okunaanyeenya ensi. Yakikola mu biseera bya Yokaana. Yakikola mu biro bya bannabbi. Ku bonna, nga bwe tumanyi, tekuli n'omu yali yasoma, wabula Katonda yasobola okubakwata n'abaako ne ky'abakozesa.

88 Mu Lwazi luno mwe mwava amazzi. Ye yali Olwazi. Era yalagira Olwazi luno, era lwalina okukubibwa. Era Lwavaamu amazzi amalongoofu, amayonjo, agatukula amayitirivu obungi eri buli eyali ayagala okunywa. N'alokola abo bonna abaalunywako. Ekifaananyi kyennyini ekikwatagana ne Yokaana 3:16.

*. . . Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka . . . buli*

*muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye* afune *n'obulamu obutaggwaawo,*

89 Katonda yakuba Olwazi olwo, e Kalivaaliyo. Omusango gwaffe gwali ku Ye, mu Ye musobole okuvaamu Omwoyo w'Obulamu anaatuwa ggwe nange Obulamu Obutaggwaawo. Olwo lugero olulukwatako lwennyini, wano mu ddungu lino.

90 Kyali tekibeetaagisa kusika, kusima, kusunda, oba ekintu ekirala kyonna; wabula kunywa bunywi ku bugabirizi Bwe, obw'obuwa. Kuba, kyali tekibeetaagisa kugasima kuva mu kidiba. Kyali tekibeetaagisa kugasikayo na kalobo kugatuusa waggulu. Kyali tekibeetaagisa kusooka kuba na kye bagasenyesaayo. Baalina kuganywa bunywi.

Era kye kyokka ekyetaagisa n'olwa leero. Teweetaaga kwegatta ku kintu kyonna. Teweetaaga kuvunnama wansi ku wolutaali obeeko ne ky'okaniikirira, okisundesunde. Teweetaaga kubaako kigambo ky'oyogera n'okiddiŋŋana n'okiddiŋŋana n'okiddiŋŋana, okutuusa olulimi lw'oyogera bwe lutabulwatabulwa. Kimu kyokka ky'olina okukola kunywa ku Ye, ku bwereere, oyo obugabirizi bwa Katonda. Tewali kusunda, tewali kusindika, tewali kintu kyonna; kulunywako bunywi kyokka, ku bwereere. Tewali ky'olina kukola; wabula kulunywako bunywi. Kwe kugamba nti, kikkirize bukkiriza. Kye kyokka kye nnyinza okukyogerako.

Kyali tekibeetaagisa kubaako kintu kyonna kye bagakolerera. Tebaalina kusooka kugasimayo. Kyali tekibeetaagisa kusooka kuvunnama ne bakaaba ekiro kyonna, okusobola okugafuna. Baaganywa bunywi; gaali gakulukuta nga galindiridde kunywebwa. Bwe kiri.

91 Ntunuulidde omusajja kaakano, atudde emabega mu kisenge eri awasemba. Ekyo nzijukira nga nkimugamba, olumu bwe twali ku kiyumba ky'ebisolo ekikadde, ku mabbali g'emmanvu.

N'agamba nti, "Naye ssiri mulungi n'akatono."

92 Ne ŋŋamba nti, "Nkimanyi toli." Ne ŋŋamba nti, "Nange, ssiri." Naye ne ŋŋamba nti, "Ggwe otunuulidde ekyo ky'oli. Naye lekera awo okutunuulira ekyo ky'oli, otunuulire ekyo ky'Ali."

N'agamba nti, "Ssinga nva ku ssigala ono Ow'oluganda Branham, nja—nja—nja kuba Mukristayo."

93 Ne ŋŋamba nti, "Tomweggyaako. Awo oba ogezaako kusooka kuba mulungi oluvannyuma ojje gy'Ali. Ye teyajja kulokola bantu balungi; wabula yajja okulokola abantu ababi era abakimanyi nti babi."

N'agamba nti, "Kale. . . "

Ne ŋŋamba nti, "Wuliriza, tewandyagadde kugenda mu ggeyeena, wandikyagadde?"

N'agamba nti, "Nedda."

94 Ne ŋŋamba nti, "Kale, tolina kugendayo. Ye yafa oleme okugendayo."

N'agamba nti, "Kiki kye nnina okukola?"

Ne ŋŋamba nti, "Tewali. Kyangu bwe kityo."

N'agamba nti, "Naye ssinga mbadde nsobola . . . "

95 Ne mmugamba nti, "Kati awo, ozzeeyo ku kya ssigala oyo nate. Ssigala lekera awo okumulowoozaako. Jjukira kino, ggwe lowooza ku Ye, kye yakola, ky'Ali; so si gwe ky'oli. Ggwe toli mulungi; tobangako mulungi, era toliba mulungi. Naye, Ye ky'ali, Ye ekyo ky'Ali!" Awo ne ŋŋamba nti, "Kati, ekintu kyokka ky'olina okukola; bwe kiba nti yatwala ekifo kyo emmanga eri, ggwe kkiriza bukkiriza kyeyagalire kye yakola. Kyokka ky'olina okukola kwe kukikkiriza."

"Ekyo kyokka," n'agamba nti, "ekyo kyangu. Nja kukikola."

96 Ne ŋŋamba nti, "Akagga kaakano." Okiraba? Ne mmuleeta wano ne mmubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo.

N'abamu ku bantu be batudde wano, era mma—mmanyi muli balabika bansekerera bwe nnakola ekyo, naye kye nnali nkola nnali nkimanyi. Omusajja nnali mmulabyeemu ekintu ekya nnamaddala. Nnali nsobola okukimulabamu, era nnamutwala ne mmubatiza mu Linnya lya Mukama waffe Yesu.

Era, ekyo bwe twamala okukikola, tewaayita kabanga kanene oluvannyuma lw'ekyo nnagenda ewa mutabani we. Ne tulaba o—okwolesebwa okw'omuti nga gumenyeka mu kifo ekimu, omusajja n'agwa, katono amenyeke omugongo. N'atwalibwa mu ddwaliro. Era ekiro ekyo Mukama n'akibikkula, gyendi, ebya ssigala awo we byakoma.

Kati olunaku olwaddirira yali ayagala kunywa ku ssigala. Ne ŋŋamba nti, "Nja kumugulirayo ppakiti ngimutwalire. Mmwe mutunule mulabe, ebiseera bye eby'okunywa ssigala byaweddeyo." Taddangamu kunywa yadde omunwe gwa ssigala n'ogumu okuva kw'olwo, era taddangamu kumwoya okuva kw'olwo. Katonda!

97 Mukiraba, ekisooka ky'olina okukola kwe kujja eri Ensulo eyo. Oteekwa okugenda ku Mazzi ago, n'okitegeera nti ekikulu si ky'ekyo ky'osobola okukola. Wabula Ye kye yakukolera. Teweetaaga kusima; teweetaaga kusundasunda; teweetaaga kuva ku *kino*; teweetaaga kuva ku *kiri*. Kyokka ky'olina okukola kwe kugendawo n'onywa. Kye kyokka. Bw'oba n'ennyonta, nywa!

98 Kaakati, Ye yali Olwazi. Katonda yamukuba ku lwaffe, n'Avaamu amazzi amayitirivu amalongoofu, era agatukula. Gakyamuvaamu, n'olwa leero, eri buli muntu yenna anakkiriza. Weewaawo, kino kye kisa Kye, eri ffe, abantu be.

99 Awo waliwo ekiriwo, ekifaananamu nga n'abantu b'ennaku zino bwe bali, beetegefu okufuna kyonna kye basobola okufuna, naye tebaagala kubaako na kye bakola mu ngeri y'okuddiza. Isiraeri baali beetegefu o—okunywa okuva mu lwazi kaakano, wabula baali tebaagala kuweereza Katonda nga bwe kyali kimugwanidde.

100 Ate Ye bulijjo aweereza gye tuli. Mumanyi, tetusobola na kussa mukka w'Atali. Tetusobola kussa awatali kubeerwa kwa Katonda. Tumwesigamako ekyenkanidde awo. Kyokka, nga, kibula kutukutulamu bibiri ssinga tugezaako okukola, okubaako ne kye tumukolera. Abaako ne ky'atusaba okukola, okugenda okubaako ne gwe tukyalira, okugenda okubaako ne gwe tusabira, okugenda okubaako ne gwe tuyamba, kyenkana kibula kutukulamu bibiri, okukikola. Naye tetwagala kubaako na kye tumukolera okumuweereza.

101 Okwemulugunya kwe kwali nti, "Banvuddeko Nze, Ekigambo; ne bakkirizaamu ttanka z'omu ttaka eziwomoggose, mu kifo kyange. Bakkiriza . . . Banvuddeko Nze, Ensulo ey'Obulamu, Ensulo ey'Amazzi ag'Obulamu; era beegomba waakiri okunywa ku mazzi ga ttanka y'omu ttaka agatakulukuta." Ekyo osobola okukiteebereza?

102 Osobola okukubamu akafaananyi omuntu kaakano, nga, *wano* waliwo oluzzi olw'ensulo nga lukulukutamu otuzzi otwo otuwoomu, otulimu ekirungo ekyo ekya cooka, otuviira ddala ku ntobo y'enjazi, wansi eri omusenyu gye gusibuka, n'ebirala byonna, nga tunnyogoga bulungi era nga tujjudde eddekende; naye n'asalawo okunywa ku ki ttanka ky'omu ttaka ekiri erudda wali, ekirimu amazzi agaakulukuse okuva ku mabaati g'ekiyumba ky'ebisolo, ne ku bigango, n'ebizimbe byonna ebyetoolodde awo? Ne gakuŋŋaanira mu ki ttanka ekyo awo, amazzi mwe gadda bwe gakulukutira wansi eyo mu ttaka, okuva ku kiyumba ky'ebisolo, ku biraalo n'ebiyumba ebirala, buli kimu kyonna ne kyesengejja wansi mu ttaka ne kikulukuta nga kidda mu ttanka, ate ne twagala oku- . . . omuntu oyo n'ayagala asooke anywe ku kintu ekifaanana bwe kityo nga tannagenda ku luzzi olw'ensulo? Wabeerawo ekikyamu ku bwongo bw'omuntu oyo. Bwe kiri.

103 N'omusajja oba omukazi ssinga asalawo okutwala ekibiina ky'eddiini, ekikkiriza okusala enviiri, okwambala obuwale obumpi, okwetonaatona, n'ebintu ebirala bino byonna, n'entegeka eye—ey'engeri emu oba endala, n'okwejeeguula kuno kwonna, nga asobola n'okugenda mu bikuubo gye bazannyira omuzannyo gwa bowulingi, n'e—n'ebyo byonna bye bakola eyo ebitaliimu makulu, n'aba nga asobola okubinyumirwa; n'abyagala nnyo okusinga bw'ayagala Ekigambo kya Katonda eky'enkola enkadde ekisalaasala ne kitemaatema, abakazi ne kibafuula abakyala, ne kibaleetera okwambala mu ngeri esaanidde n'okweyisa mu ngeri esaanidde, ekiggyawo ssigala

ne taaba, n'okulayira n'okuvuma, n'okulimba n'okubba, ne kibikuggyako, n'okweyisa nga ensi kwonna ne kikukuggyako, ne kikuwa Ekintu ekimatiriza ddala. Kiki ekitwala omusajja oba omukazi mu kintu ekifaanana bwe kityo okwesanyusa? Oyinza otya okufuna essanyu mu ekyo?

104 Oyinza otya okufuna amazzi amayonjo okuva mu ki ttanka ekirimu amazzi agalegamye? Lwaki omuntu. . . Omuntu ssinga agenda ku ki ttanka ekirimu amazzi agalegamye okufuna amazzi, nga ate waliwo oluzzi olw'ensulo olukulukuta, tujja kugamba nti, "Omuntu oyo aliko ekikyamu ku bwongo."

N'omukazi oba omusajja ssinga agenda mu kifo bwe kityo okwesanyusa, omuntu oyo abaako ekikyamu mu mwoyo. Ekigambo aba takyagala. Ekyo kiraga nti obutonde bwe bukyali bwa kikere, oba kakulwe, oba ekintu bwe kityo, bwe kiri, obutonde obw'ekika ekyo obwagala amazzi g'ekidiba agalegamye, kubanga ebintu nga ebyo tebisobola kubeera mu kidiba ky'Amazzi mayonjo. Tebisobola kugabeeramu; gaba Mazzi amayonjo. Tebisobola kukikola.

105 Kati, okwemulugunya kwali nti, "Baagivaako." Ne leero bakoze ekintu kye kimu.

Kati weetegereze omukazi eyali ku luzzi. Kati, yali azze ku luzzi lwa Yakobo, era amazzi bulijjo yagakimanga awo, ku luzzi lwa Yakobo. Naye oluzzi lwa Yakobo, lwe twandiyise, ekibiina ky'eddiini, kubanga yasima enzizi ssatu; ne luno ye yali yalusima. Kati, omukazi ono yalina emboozi ennyuvu. Yagamba nti, "Kati nno, jjajjaffe ye yasima oluzzi luno, Yakobo. Era kwe yanywanga amazzi, n'ebisolo bye kwe byanywanga amazzi, na buli kimu. Ekyo tekimala?"

106 N'agamba nti, "Naye amazzi g'osenamu, oddamu n'olumwa ennyonta, era kikwetaagisa okukomangawo okukima amalala. Naye," n'Agamba nti, "Nze Amazzi ge nkuwa Nsulo, Nsulo ewandula amazzi okuva munda mu yo, era tekikwetaagisa kukomawo wano kugakima. Gabeera mu ggwe munda."

107 Wekkaanye. Naye bwe yakitegeera nti Ensulo eri mu Byawandiikibwa yali eyogedde naye, okuyita mu kabonero ak'omu Byawandiikibwa kennyini ke yali anoonya, enkola y'ekibiina ky'eddiini ekya Yakobo eyo yagyabulira era teyagiddira nate, kubanga yali azudde Olwazi lwennyini. Mukiraba? Yadduka n'agenda mu kibuga. Nga eby'okwonoona abimaze. Nga takyaddamu kuba mukazi mugwenyufu. N'agamba nti, "Mujje, mulabe Oyo gwe nzudde, Omusajja ambuulidde byonna bye nnali nkoze. Ono teyandiba nga Ye Kristo yennyini?" Omukazi. . . Oluzzi olwo luyinza okuba nga terwalina buzibu; lwali lukoze omulimu gwaalwo. Naye kati yali ku Nsulo entuufu. Oluzzi lwali lukola bulungi okutuusa Ensulo entuufu lwe yaggulwawo. Naye Ensulo entuufu bwe yalabikako,

oluzzi amaanyi ne galuggwa. Omukazi yakizuula nti waliwo ekifo ekisingako obulungi aw'okunywa amazzi.

108 Ate nga ddala waliwo ekifo ekisingako obulungi. Waliwo ekifo ekisingako obulungi, era nga ekyo ye Kristo. Mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 7:37 ne 38, Yesu yayogera n'agamba, ku lunaku olwasembayo olw'embaga y'amakuŋŋaaniro nti, "Omuntu bw'alumwa ennyonta, ajje gyendi, anywe."

Bonna baali bajaganya. Baalinaawo otuzzi otwali tuvulula okuva wansi w'ekyoto, era—era bonna baali awo nga banywa okwo, nga bwe bajaguza, o—olw'embaga. Ne bagamba nti, "Bajjajjaffe baanywa ku lwazi olw'omwoyo mu ddungu." Mukiraba, baali beesimiddeyo ttanka ey'omu ttaka, nga bafunyeeyo amazzi agaali galegamye ge baasunda okuva awantu awamu, ne gatiiriikira wansi wa yeekaalu. Era nga beetooloola amazzi gano ne banywa, ne bagamba nti, "Emyaka mingi egyayita, bajjajjjaffe baanywa amazzi mu ddungu."

Yesu n'agamba nti, "Nze Lwazi olwo olwali mu ddungu."

Ne bagamba nti, "Twalya n'emmaanu okuva mu Ggulu, nayo Katonda ye yagitonnyesa."

109 N'agamba nti, "Nze Mmaanu eyo." Ye, Ensulo eyo, yali ayimiridde mu makkati gaabwe. Omugaati gw'Obulamu ogwo gwali guyimiridde mu makkati gaabwe.

Naye era nga tebagyagala. Waakiri okusigala ne ttanka yaabwe; kubanga, omuntu ye yali akoze *kino*, ate nga Katonda ye asindise *Kiri*. Awo wennyini we byawukanira. Beesimira ttanka ez'omu ttaka!

110 Yagamba nti, "Omuntu bw'alumwa ennyonta, ajje gyendi, anywe." Ye ye Nsulo eyo.

Era nga Ekyawandiikibwa bwe kigambye nti, "Okuva mu mutima gwe wanaakulukuta emigga gy'Amazzi amalamu." O, Ye lwe luzzi olwo olw'ensulo! "Okuva mu ye, oba mu muntu we ow'omunda ddala, munaakulukuta emigga gy'Amazzi amalamu."

111 Ye Lwazi olwo, olwali mu . . . Olwo lwe Lwazi lwa Agali, mu kiseera eky'emitawaana; omwana we bwe yali anaatera okufa, bwe yali agobeddwa mu lusiisira, nga ali bweru ne katabani ke ka Isimaeri. Amazzi ge, ge yali asenye ku kadiba ke ge yali atambula nago, gaali gaweddemu. N'agalamiza omuto Isimaeri wansi; n'atambula n'avaawokko, mu bbanga nga awalasibwa akasaale, n'akaaba, era, ha, kubanga teyayagala kulaba mwana we nga afa. Mangu ago, Malayika wa Mukama n'ayogera, era n'azuula Beer- . . . Beeruseba, o—oluzzi olwali lukulukutira awo, era nga lukyakulukuta n'okutuusa leero. Ye yali Beer-Beeruseba wa Agali, Olwazi eyo mu ddungu.

112 Lwali luyimiridde wano mu Nsulo eyo ejjudde Omusaayi, ku lunaku olwo, we yayimiririra mu yeekaalu. [Ebbanga ku

lutambi—Omuk.]. . .mu kiseera eky'omuyaga. Mu Zekkaliya essuula ey'e 13, Ye yali Ensulo eyo eyaggulwaawo mu nnyumba ya Dawudi, olw'okulongoosebwa, ne ku lw'e (kibi) olw'okulongoosa ekibi. Ye yali Ensulo eyo. Ne mu Zabbuli 36:9, Ye yali Ensulo ya Dawudi ey'Obulamu. Ne kati Ye akyali Ensulo eyo mu nnyumba ya Dawudi.

Era Ye ayogerwako awo omutontomi, mu mutima gwe. Omutontomi yagamba nti:

> Waliwo Ensulo ejjude Omusaayi,
> Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri,
> Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo,
> Banaazibwako ebbala ly'ebibi byabwe lyonna.

Ye Nsulo eyo ey'Obulamu, Ensulo ey'Amazzi. Ye Kigambo kya Katonda.

113 Abantu b'ebiro bino ebisembayo baamuvaako, oyo Ekigambo eky'amazima, Amazzi ag'Obulamu; ne beesimira ebidiba by'ebibiina by'amadiini; nate, era, kusima, basimye!

114 Era kati tukiraba nti, babaddenga n'ebidiba ebiwomoggose. Kyokka nga ebidiba bino bijjuddemu obuwuka obw'obutakkiriza, okwenyumiriza okw'obutakkiriza, enkola ez'obuyigirize, n'ebirala bwe bityo, ebikontana n'ebisuubizo bya Katonda. Babuusabuusa Ekigambo.

115 Kati, ebidiba bino bye balina, Bayibuli egamba nti, byali "biwomoggose." Ekidiba *ekiwomoggose* kiba kidiba "ekitonnya", era kiba kitiiriika. Kiba kikola ki? Kitiiriika kiyiwa mu kinnya ky'eddiini ekya kazambi ekiyitibwa Akakiiko k'Amakanisa g'Ensi yonna. Era omwo ekidiba ekiwomoggose mwe kibatwala, kubanga baamuvaako, ne ba. . .oyo Ensulo ey'Amazzi amalamu; ne beesimira ttanka z'omu ttaka zino.

116 Nga babaako enkola y'amatendekero g'ebyeddiini ag'okutendekeramu gye basima, obuyigirize, n'ebirala. Ebyo bye bika by'ebidiba bye basima ennaku zino, mbu omuntu alina okusooka okuba ne Ph.D., oba LL.D., oba Ddiguli esooka, oba ekintu bwe kityo, nga tannaba kugenda kubuulira. Ebidiba ebijjuddemu enjigiriza y'amadiini ey'abantu obuntu. Babatwala mu matendekero gano amanene gye batendekerwa, ne babayingizaamu enjigiriza z'amadiini gaabwe ezaagunjibwa abantu, bwe bamala ne babatuma n'ebyo. Nga nnaku mbi ze tulimu, ebidiba ebikoleddwa abantu! Tewali mutawaana. . . Tekyewuunyisa ekintu kyonna kifuuse ki—kivundu ekiwunya, o, bannange, lwa kuba abantu kw'ekyo kwe banywa.

117 Kati abantu bwe baagala essanyu leero, bakola ki? Abantu, mu kifo ky'okukkiriza essanyu lya Mukama, bagenda mu kwonoona, okusobola okufuna essanyu. Abantu abagenda mu kkanisa abagamba mbu baweereza ba Kristo, bwe batuuka mu mbeera nga beeraliikiridde nnyo ate bakoleeza ssigala.

Ate bwe—bwe baagala o—okwesanyusaamukko, basuulamu obugoye bwabwe obw'ekikaba ne bagenda basaawa omuddo nga abasajja bwe bayitawo, okubaleetera okubasiiya. Bakola buli kimu okumanyika. Baagala babeere nga abazannyi ba ffirimu ab'amannya. Eryo lye ssanyu lyabwe.

Nga ate, Yesu yagamba nti, "Nze kumatizibwa kwabwe."

Ekibatwala mw'ebyo, lwa kuba tebaagala kunywa ku Nsulo eyo. Baagisambajja. Tebaagala kuginywako. Babaako enkola eyagunjibwawo abantu gye beegattako, ekidiba eky'engeri emu ekijjuddemu buli kika ky'ebintu ebiregamye, gye basobola okweyisa bwe batyo.

118 Eggulo, twabadde tututte abaana eri ku mugga. Kirabika lwali ku Lwamukaaga ku makya. Twagenda; Billy yali aloba byennyanja mu lyato. Ne tugenda n'abato, kazzukulu kange n'abalala, muwala wange, ne katabani kange akato, ne tuserengeta ku mugga o—okwevugamu mu lyato. Wali tosobola na kwevugamu mu lyato ku mugga wali, olw'abantu aboonoonefu, abakyafu, abatalina nsonyi abaali ku mugga, nga kyenkana bali bukunya beejeeguula. Waliwo eryato eryajja we twali, nga kuliko ekibinja ky'obulenzi obw'emyaka nga kkumi n'ebiri-, kkumi n'ena, buli kamu nga kakutte akakebe k'omwenge mu ngalo, n'omunwe gwa ssigala. Ekyo mbu bakiyita "kunyumirwa." O, bannange! Ensi eno esobola kuwangaala kyenkana wa, nga erimu ebintu eby'enkola nga eyo?

119 Kati bwe baagala okwewummuza ku birowoozo ebibajjira nti bwe banaafa bajja kugenda mu ggeyeena, kye bakola, bagenda ne babaako ekimu ku bidiba bino ebyakolebwa abantu kye beegattako. Ne kiba nti ekika ky'abantu kye kimu be bali mu kidiba ekyo. Si kirala wabula ekibinja ky'obukulwe obucaafu, obugwenyufu obw'ensi. Era abo be bakwatagana nabo kubanga, nga mmange omukadde bwe yateranga okugamba nti, "Ebinyonyi ebifaanaganya ebyoya bibuukira wamu." Tebasobola kujja ku Nsulo kulongoosebwa kuva mu bulamu obwo obw'ekibi. Baagala basigaleyo eyo, naye basigale nga baatula mbu Bakristayo. Lwaki? Baamuvaako Oyo, Ensulo y'essanyu eya nnamaddala, Obulamu, Obulamu obutuukiridde n'okumatizibwa. Eyo ye nsonga lwaki baakikola, kubanga baagala babeegatteko. Balinayo abantu eyo abakkiririza mu bintu eby'ekika ekyo.

120 Ebbanga si ddene gye buvuddeko, Ow'oluganda Fred, nange, n'Ow'oluganda Tom, twali tuwerako twagenda mu kkanisa y'Ababaputisiti emanyiddwa mu kibuga Tucson, okulaba oba nga tusobola okubaako kye tufuna ekiyinza okutuwa oba oli awo eneewulira ennungiko. Omuweereza n'abaako ky'ayogera ku bantu abaali mu Misiri, we baaviirayo baali balya katunguluccumu n'ebintu ebirala, baali baagala baddeyo balye

ebyo. N'agamba nti, "Ekyo kifaananamu n'abantu b'ennaku zino."

Kati, ffe, buli omu n'agamba nti, "Amiina!" Bali abantu ssibalabangako! Ekkanisa yonna amaaso yagajja ku mubuulizi ne bakyuka ne batunula emabega okulaba b'ani abo abagambye nti "amiina." Kyabatiisa nnyo katono baffe. Baali tebamanyi kye kitegeeza.

Nga ate, Dawudi yagamba nti, "Muleekaane n'okuleekaana okw'essanyu eri Mukama. Mumutendereze ku nnanga! Mumutendereze n'entongooli! Buli ekirina omukka leka kitendereze Mukama. Era mumutendereze Mukama!" Katonda asanyukira mu bantu Be. Abo abaayigirizibwa, leka bagambe nti, "Amiina," bwe wabaawo ekintu kyonna ekyogerwa nga kituufu.

121 Lwaki tokyuka n'ova ku nkola eno n'ebidiba by'ensi, n'odda ku nkola ya Katonda eyeesigika, nga lwe luzzi olw'ensulo, Yesu Kristo? Lwaki tokyuka n'odda gy'Ali, awo Katonda w'abeerera obugabirizi bwaffe obw'omuyiika obw'essanyu, obugabirizi bwaffe obw'omuyiika obw'amatendo, obugabirizi bwaffe obw'omuyiika obw'okumatizibwa? Obusimu bw'omubiri gwange okubeera nga bukkakkamu kiva eri Katonda.

Bwe mba ntaaguddwataaguddwa, okumatizibwa kwange nkusanga mu Kristo, ssi mu ssigala, ssi mu bintu bya nsi eno, ssi mu kubaako ekiyiiye kye nneegattako; wabula mu kumuzuula Oyo, Ekigambo ekyasuubizibwa kye yagamba nti, "Oba nga ŋŋenda, ndikomawo nate mbatwale." Essanyu lyange ndisanga mw'ekyo. Ye lye Ssanyu lyange.

122 Bagamba leero, okuyita mu kwegatta ku bintu bino n'okukola Akakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, mbu bagenda kukola ekifo ky'okubeeramu ekisingako obulungi. Mu kulaba kwange okwesimbu, bagenda kukola ekifo eky'okwonooneramu ekisingako obulungi. Ekyo kye... Ekintu kyonna kwonoona, okutwaliza awamu; n'olw'ekyo ssi kya kubeeramu, wabula eky'okufiiramu. Bakole ekifo eky'okutuulamu, manya, eky'okwonooneramu, mu kifo ky'eky'okubeeramu.

123 Ekintu ekirala kyonna, wabweru wa Yesu Kristo n'Ekigambo Kye eky'Obulamu, kiba kidiba ekiwomoggose. Ekintu kyonna ekigezaako okudda mu kifo kyaakyo; ekintu kyonna ky'ogezaako okukola okwefunira emirembe, ekintu kyonna ky'ogezaako okukola okwesanyusa, essanyu ery'ekikula kyonna ly'ofuna okuva awalala wonna, nga eridda mu kifo kya Kino, kiba kidiba ekiwomoggose ekijjudde empitambi. Ye y'awa okumatizibwa okutuukiridde.

124 Nzijukira wano, mu biseera by'ebbugumu ebiwerako ebiyise, nnafuluma mu luggi lw'emmanju. Waaliwo akalenzi akoogerayogera ennyo akaali awo akaŋŋamba, nti, "Omanyi,

ensonga lwaki buli kiseera abakazi obeera oboogerako bw'otyo, nga bwe bambala obuwale obumpi n'ebintu bwe bityo," ne kagamba nti, "lwa kuba ggwe oli nnamukadde." Ne kagamba nti, "Eyo ye nsonga lwaki okikola."

Ne ŋŋamba nti, "Labayo. Olina emyaka emeka?"

N'agamba nti, "Abiri mu musanvu."

125 Ne ŋŋamba nti, "Ne bwe nnali omuto ku ggwe, era nnali mbuulira ekintu kye kimu."

Nnazuula Ensulo ey'okumatizibwa. Ye ye mugabo gwange. Amiina! Ye kasita angabirira n'ekyo, obwo bwe bulungi. Ekyo kye—kye. . . Ekyo kye kifaananyi kye nnina mu birowoozo byange, mmutunuulire, ndabe emirimu gy'engalo Ze ndabe by'Akola. Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna!

O, nga gwa muwendo omugga ogwo
Ogunnaaza ne ntukula nga omuzira;
Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
Okuggyako Omusaayi gwa Yesu gwokka.

Waliwo Ensulo ejjude Omusaayi,
Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri,
Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo,
Banaazibwako ebbala ly'ebibi byabwe lyonna.

126 Mbabuulira, ssimanyiiyo nsulo ndala yonna okuggyako Ensulo eyo. Yannaaza bwe nnali omujama. Enkuuma nga ndi mulongoofu, kubanga njagala nnyo okubeera awo ku Yo, ne nnywa ku Mazzi gaayo amayonjo agajjuza emmeeme yange n'essanyu.

Nsobola okubeera wansi nnyo ddala, nga mpulira ssikyasobola kweyongerayo. . . mulundi mulala, nga ssirina walala we nnyinza kugenda; naye ne nfukamira wansi ne nteeka olugalo lwange ku kisuubizo, ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, Ggwe maanyi gange. Ggwe kumatizibwa kwange. Ggwe byonna mu byonna gyendi." Ne ntandika okuwulira nga waliwo Ekintu ekivulula munda mu nze. Embeera eyo ne ngivaamu.

127 Kati nga bwe nsussizza emyaka ataano, nnyinza okuzuukuka ku makya, mumanyi bwe kiba ekizibu, n'ekigere ekyo ekimu oba tosobola na kukiggyayo mu buliri. Abange, kikuzibuwalira okukikola; ate nga waliwo omuntu ku luggi, akonkona, oba nga Billy aŋŋamba nti waliwo embeera eyetaaga okwanguyira, nga waliwo we nnina okugenda. Muli ne ndowoozaamu nti, "Nnyinza kukikola ntya?" Ne ngezaako okuggyayo ekigere ekimu.

Ne ndowooza nti, "Ggwe Nsulo ejjuddemu amaanyi gange. Amiina! Amaanyi gange n'obuyambi bwange biva eri Mukama. Ggwe luzzi lwange olw'ensulo! Ggwe buvubuka bwange! 'Abo abalindirira Mukama baliddamu amaanyi; balitumbiira waggulu n'ebiwaawaatiro nga empungu; balidduka, so

tebalikoowa; balitambula, so tebalizirika.' Mukama Katonda, buno buvunaanyizibwa bwange, okugenda. Mpitiddwa ku mulimu." Era mu bwangu ddala, wabaawo Ekintu ekitandika okuyira munda yange.

128 Luli, mu kafo akatono eyo, nnalinayo olukuŋŋaana mu Topeka, Kansas; waaliyo omuvubuka, omubuulizi omuto, omu ku baasasuliranga enkuŋŋaana zange abaasooka. Ow'oluganda Roy, atudde wano, ekifo ekyo akijjukira. Mu, mu kifo kino eky'ekitalo, waaliyo a—a . . . Omuweereza ono alina we yali atuuse wansi w'akasolya oba ekifo bwe kityo, ekisenge ky'omu mbiriizi ne kimugwira wansi awo. Musajja wattu yali agenda kufa. Ekibumba kye kyayabika. Akalulwe ne kaseeseetuka. Ttani ne ttani ezamugwako.

129 Nnali ntudde awo tulya eky'enkya, ne njogera ne mukyala wange. Ne ŋŋamba nti, "Mukyala, okimanyi, Yesu ssinga abadde wano, omanyi kye yandikoze?" Ne ŋŋamba nti, "Omusajja oyo bwe yansasuliranga, 'Nzikiriza Ekigambo ekyo,' yali asasulira Kristo." Ne ŋŋamba nti, "Ako kakodyo ka ssetaani." Ne ŋŋamba nti, "Yesu ssinga abaddewo wano, yandigenze n'amussaako emikono Gye emitukuvu. Omuvubuka oyo yandiwonyezeddwa. Ssifaayo ekibumba kye ne bwe kiba kyayabise. Yaandiwonye, kubanga Yesu yaandiyingiddeyo munda nga amanyi ekyo kyennyini ky'Ali. Yali amanyi okuyitibwa Kwe, Ebyawandiikibwa byali bituufu, nga bimukakasa nti yali amanyi kiki ky'Ali, awatali . . . awatali kubuusabuusa kwonna. Yandimussizzaako emikono Gye, n'agamba nti, 'Mutabani, wonyezebwa,' n'afulumayo." Ne ŋŋamba nti, "Mu ggeyeena teriiyo mizimu gimala gisobola kutta muvubuka oyo, awo." Ne ŋŋamba nti, "Yandiwonye." Naye ne ŋŋamba nti, "Olaba, mukwano, yali Yesu, emikono gya Katonda emitukuvu."

Ne ŋŋamba nti, "Nze ndi mwonoonyi. Nnazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi. Kitange ne mmange bombi baali boonoonyi, era ssirina kalungi konna."

Ne ŋŋamba nti, "Naye omanyi? Ssinga Mukama ampa okwolesebwa n'antuma ŋŋendeyo, awo kiba kijja kuba kya njawulo." Ne ŋŋamba nti, "Nnaandigenzeeyo ne mmuteekako emikono, era endiri eyo yandigivuddeko ssinga aba Ampadde okwolesebwa."

130 Naye ne ndowoozaamu nti, "Naye era ndaba, ne bwe kwandibadde kwolesebwa, waalibaddewo njawulo ki? Era emikono gye gimu emijama gye gyandibadde gimukutteko, uh-huh, era yandibadde muntu y'omu nga y'amusabira, n'emikono gye gimu emijama."

Kati muli ne ndowoozaamu nti, "Ndi mukiise We. Kitegeeza, Katonda talaba nze. Omusaayi ogwo ogw'Oyo omutuukirivu weeguli awo ku kyoto; nga gwegayirira ku lwange. Oyo ye

byonna byange. Ye kusaba kwange. Ye bulamu bwange." Ne ŋŋamba nti, "Ekintu kyokka ekyandindeetedde okumussaako emikono, n'okukkiriza, kyalibadde lwa kuba nnina okukkiriza mu kwolesebwa. Naye ate n'awatali kwolesebwa, okukkiriza kwe kumu kwandikoze ekintu kye kimu; n'olw'ekyo nze ku bwange ssirina kye nnyinza, wabula byonna mbikwasa Oyo byonna mu byonna wange. Ye bulamu bwange. Ye yantuma. Tewali kibiina kya ddiini kyonna kyantuma; Ye yantuma. Aleruuya! ŋŋenda mu Linnya Lye. Nja kumuteekako emikono." Ne nserengetayo ne nteeka emikono ku muvubuka oyo, era ekiro ekyo yali mu lukuŋŋaana, nga mulamu bulungi ddala. Amiina!

131 O, weewaawo, Ye ye Nsulo eyo. "Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna. Okuggyako Omusaayi gwa Yesu gwokka!" Nze mpunya, ndi kyewaggula, ffenna kye tuli, naye mu maaso ga Katonda tutuukiridde. Ye-. . . "Mubeere abatuukiridde, nga ne Kitammwe Ow'omuggulu bw'ali atuukiridde." Oyinza otya okuba atuukiridde? Kubanga Oyo atuukiridde y'atukiikirira eri. Ensulo eyo ebeerawo buli lunaku, nga mpya bulijjo. Ssi kintu ekiri awo ekyalegama, wabula ebeera nsu, buli lunaku, enaazaawo ebibi byange byonna. Ye ye Nsulo eyo.

132 Kati mu kumaliriza, nnyinza okwogera kino. Ebintu byonna ebyawukana na Kino biba bidiba ebiwomoggose, era bijja kumala bitonnye by'otaddemu bitiiriike; bw'oba nga essuubi lyo lyonna, obudde bwo bwonna, na buli kimu kyonna, okitadde mu kimu ku bidiba ebyo ebyalegama. Yesu yagamba bidiba ebiwomoggose. Katonda n'agamba nti, "Byawomoggoka, era buli ky'obiteekamu kyonna kijja kutiiriika." Tosobola kubaako na w'otuuka nabyo, kubanga bijja kutonnya. Kubanga Ye kkubo lyokka eri Amazima, eri Obulamu, n'eri essanyu Eritaggwaawo, n'emirembe Egitaggwaawo. Ye ye yekka era ekkubo lyokka erigenda eri Ebyo. O, bannange!

133 Ensulo etakalira ey'Obulamu ye Yesu Kristo. Lwaki? Ye y'Ani? Ye Kigambo, y'omu; ye Kigambo, ye Bulamu, ye Nsulo, "y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Omukkiriza owa nnamaddala, lye ssanyu lye ery'enkomeredde, bwe Bulamu bwe obw'enkomeredde. N'okumatizibwa kwe okw'enkomeredde ye Kristo. Tewali bya kusundasunda, tewali bya kusika, tewali bya kwegattako, tewali bya kusena na kuyiwamu; wabula kukkiriza bukkiriza na kuwummula. Ekyo ky'Ali eri abo abakkiriza.

134 Nga jjajjaffe Ibulayimu; talina bye yasikaasika, teyanyigirizibwako, teyeraliikirirako. Yalina Ekigambo. Yeesigama ku bbeere lya El Shaddai. Ibulayimu bwe yaweza emyaka kikumi, Katonda n'amulabikira, n'agamba nti, "Nze Ayinza byonna." Ekigambo ky'Olwebbulaniya kiri *El Shaddai,* ekitegeeza nti, "Oyo alina Amabeere." "Kaakano okaddiye, n'amaanyi tokyalina, naye weesigame bwesigami mu kifuba Kyange oyonke oddemu amaanyi okuva ku Nsulo eno." Amiina! Bwe yayonka yafuna ki? Omubiri omuggya. N'azaala omwana,

mu Ssaala. Era, nga wayiseewo emyaka ataano, n'azaala abaana abalala musanvu mu mukazi omulala.

135 O, El Shaddai! Endagaano Enkadde eraga bye yakola, Endagaano Empya eyogera ku by'Alikola. Amiina! Mu Ndagaano Enkadde. . .

136 Kati ebyuma ebiweweeza empewo bivuddeko, kale ŋŋenda kwanguwamuko nve wano, mu ddakiika ntono.

Nandyagadde kino okukyogera nga ssinnamaliriza. Kino lumu nnafuna eky'okulabirako kyaakyo ekirungi. Nnali mu kulawuna. Era abantu bangi wano. . .Emmanga mu Georgetown, emmanga mu Milltown, eyo waabeerangayo, munda eri mu nsozi, ensulo. Lwali luzzi lwa nsulo. Gwali mugga ogwali gukulukuta obuwanvu bwa—bwa fuuti nnya oba ttaano, nga buli kaseera guba gukulukuta, era nga waliwo ensulo ennene engazi awo. Kati okwetooloola awo wonna waaliwo omuddo guno oguyitibwa nnabbuggira, gwe mumanyi, n'ebintu ebirala ebyali byamerawo, ebiringa akayuukiyuuki. Era, ha, nnayaayaananga nnyo okutuukawo, ha, bannange, okutuukako ku nsulo eyo. Era nnateranga okugalamira ku mabbali g'ekintu kino ne nneekatankira amazzi, ne mpumulamukko oluvannyuma ne nziramu ne nnywa, ne nnindako.

Era buli mwaka nnasigalanga ŋŋenda ku nsulo y'emu eno. Terina lwe yakalirako, ka bube bunnyogovu oba bwa bbugumu. Obudde bwali tebusobola kugikwasa bbalaafu. Oluzzi lw'ensulo tosobola kulukwasa bbalaafu. O, nedda! O, nedda! Ssifaayo ne bwe bu—bunnyogoga ekyenkana wa, tebujja kugikwasa bbalaafu. Ekidiba kijja kukwata bbalaafu; omuzira omutonotono gujja kukikola. Okiraba?

Naye ekintu kyonna ekitambula, ekirina Obulamu mu kyo, kiba kitambulatambula. Kale Oluzzi olw'ensulo tosobola kulukwasa bbalaafu. Embeera eyeetooloddewo ne bw'eba ya nnaku etya, Oluzzi luno lusigala lulamu. Beera ku Luzzi olwo.

137 Era nneetegereza awo, ne ŋŋenda ne ndunywako, era, ha, bannange, nga mazzi amayonjo okukamala! Teweetaaga kweraliikirira nti, "Ssimanyi, oba we nnaatuukirawo, ssimanyi oba lunaaba terwakalira?" Lukyakulukuta. . .

138 Omulimi omu omukadde yaŋŋamba, nti, "Jjajjange yalunywangako." N'agamba nti, "Terukendeerangako wadde okubaako ekintu kyonna. Lukyali luzzi lwe lumu, nga lukulukuta okuyiwa amazzi gaalwo eri mu Mugga oguyitibwa ogwa Bbululu."

139 Ne ndowoozaamu nti, "Ha, bannange, nga kifo kirungi okunywamu amazzi!" Nnatambulanga olugendo nga lwa mmayiro nnamba okuva ku luguudo, okugenda mu kifo ekyo, kubanga kyali kifo kirungi nnyo okunywamu amazzi. O, nga amazzi ago gaali mawoomu! O, bannange!

Nna—nnagendanga eyo mu ttale eryo, mu Arizona, naye nga era nkyalulowozaako, "Oluzzi olwo olulungi oluli emmanga eyo, ssinga mbadde nsobola okugalamira we luli!"

Nga Dawudi lumu bwe yagamba nti, "O, ssinga mbadde nsobola okunywa ku luzzi olwo omulundi omulala gumu!" Nga awulira yandyagadde okutuukayo!

140 Kati lumu nnatuula wansi, waliwo ekyambaako ekisesa. Ne ŋŋamba nti, "Kiki ekikuleetera okuba omusanyufu buli kiseera? Ssinga nange mbadde nsobola okubeera omusanyufu bwe ntyo. Kuba, ssikulabangako nga onakuwadde, kasookedde ntandika kujja wano. Tolina kikunakuwaza n'ekimu." Ne ŋŋamba nti, "Buli kiseera obeera ojjudde essanyu. Obeera obuukabuuka nga bw'ovulula bw'otyo. Mu biseera eby'obunnyogovu n'eby'ebbugumu, oba obudde bunnyogoga oba bwa kasana, mu buli mbeera, ggwe obeera ojjudde essanyu buli kiseera. Kiki ekikuleetera . . . ? Kiki, ddala kiki? Lwakuba nkunywako?"

"Nedda."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, oba oli awo lwa kuba obumyu bukunywako, ate nga obwagala nnyo."

"Nedda."

Ne ŋŋamba nti, "Kati, kiki ekikuleetera okubeera nga ovulula bw'otyo ekiseera kyonna? Kiki ekikuleetera okuba omusanyufu? Kiki ekikuleetera okuba nga ojjudde essanyu?" Ne ŋŋamba nti, "Kiri lwa—lwakuba ebinyonyi bikunywako?"

"Nedda."

"Lwakuba nkunywako?"

"Nedda."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, kati kiki ekikuleetera okuba nga ojjudde essanyu?"

141 Kati oluzzi olwo ssinga lwali lusobola okunnyanukula, kino kye lwandigambye nti: "Ow'oluganda Branham, ssi lwakuba onnywako; ekyo nkikwebaliza, n'eky'okuba nti nsobola okunywesa ebinyonyi. Ngabirira amazzi buli muntu yenna ayagala okunywa. Kimu kyokka ky'oba olina okukola kwe kujja wano n'onywa. Naye, ekindeetera okuba omusanyufu, si nze abeera avulula, waliwo ekintu ekiri munda mu nze, kye kinsindiikiriza. Waliwo ekiri mu nze kye kiba kivulula."

142 Era bwe kityo bwe kiri n'eri obulamu obujjudde Omwoyo. Nga Yesu bwe yagamba, yali mu . . . Mulabe, yakuwa enzizi ez'amazzi ezikulukuta okutuuka mu Bulamu obutaggwaawo, oluzzi olw'ensulo, ensulo ebimba n'ekulukuta buli kiseera. Ab'ekkanisa abasigadde oba bawulira bulungi oba bawulira bubi, ggwe osigala okyali ku Luzzi.

Nsonga ki eyandikulondesezzaawo enkola y'ekibiina ky'eddiini enkadde ey'ekidiba, ejjuddemu obuwuka na buli

kimu kyonna, ogende onywe ku bintu ebyalegama, nga ate oyanirizibwa eri Ensulo, Oluzzi olw'ensulo?

143 Ndowoozaamu engeri gye lwepikangamu, ne lukasuka amazzi mu bbanga, ne—ne luyira, ne luseka, ne lusanyuka, ne lutumbiira mu bbanga, ne luzannyazannya. Mu bunnyogovu, mu nkuba nga etonnya; mu kasana, mu kyeya, ebitundu by'eggwanga ebisigadde gye byakaliranga, lwo lwabanga luvulula nga bulijjo. Kubanga lwali luviira ddala eri wansi, nga lusibuka, wansi ddala eri mu njazi nga gye luva.

144 O, leka mbeerenga awo ku mabbali g'Ensulo eyo! Twala enkola zo zonna ezagunjibwa abantu z'oyagala okutwala, enzizi zo zonna ezirimu amazzi agatakulukuta, wabula ondeke nzije ku. . . manya ebidiba ebirimu amazzi agatakulukuta. Naye, ondeke nzije ku Nsulo eno, ndeka nzije awo w'Ali mu bujjuvu. Ye Ssanyu lyange. Ye Musana gwange. Ye—Ye maanyi gange. Ye Mazzi gange. Ye Bulamu bwange. Ye Muwonya wange. Ye Mulokozi wange. Ye Kabaka wange. Buli kimu kyonna kye nneetaaga kisangibwa mu Ye. Kiki ekiyinza okunjagaza okugenda eri ekintu ekirala kyonna?

145 Muganda wange, mwannyinaze, t'ojje ku Nsulo eno akawungeezi ka leero? T'ojje, bw'oba obadde togendangayo, t'ogikkirize akawungeezi kano nga bwe tukotese emitwe gyaffe?

146 Ebidiba ebiwomoggose, bitonnya, bitiiriika, mukoka w'ensi abikulukutiramu, kazambi ava ku biyumba by'ebisolo ne mu biro ebyayita. Lwaki t'ojja ku Luzzi luno, obucaafu obwo mwe butasobola kusigala, Ensulo eno ey'ekitalo ejjudde Omusaayi, ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri? Lwaki togisembeza akawungeezi kano? Katonda atuyambe akawungeezi kano, mu nsi eno enkalu, ey'ennyonta. Nga nnabbi bwe yagamba nti, "Ye ye Lwazi mu nsi ekooye." Ye ye Nsulo eyo. Temujje gy'Ali akawungeezi ka leero, mu mitima gyammwe, nga bwe tusaba?

147 Ai Kitaffe Ow'omuggulu, tewaliiyo Nsulo ndala yonna, nga oluyimba bwe luvuga nti, "Ssimanyiiyo Nsulo ndala yonna; okuggyako Omusaayi gwa Yesu." Nnazaalibwa awo, nkulidde awo; njagala mbeere awo, era nfiire awo, era nzuukirire awo nate, mu Kubeerawo Kwe. Bulijjo, Mukama, leka mbeerenga mu Kubeerawo Kwe, kubanga ssimanyiiyo kirala kyonna. Ssimanyiiyo kiyiiye kyonna ssimanyiiyo kwagala; ssimanyi kwagala kulala kwonna wabula Kristo, ssimanyi kiyiiye kyonna wabula Kristo, simanyi kitabo kirala kyonna wabula Bayibuli, ssimanyi kintu kirala kyonna, ssimanyiiyo ssanyu bweru We. Bw'Omunzigyako, Ai Katonda, ssifaayo byenkana wa eby'ensi eno bye mba nabyo, era—era bijja kuba bifu, mbeera nja kubungeeta nga emikono gyange ngitadde ku mutwe. Bw'Omunzigyako, mba mpedde, Mukama. Naye leka abeere mu nze, olwo omwezi gwa Ddesemba gunaaba gwa

ssanyu nga ogwa Maayi, olwo wajja kuba tewaliiwo bifo bya bunnyogovu na bya bbugumu, n'okufa kwennyini kuba tekulina buwanguzi. Leka tumufune, Kitaffe. Mutuwe, mu bungi, eri buli mukkiriza akawungeezi ka leero, nga bwe balindiridde mu kisenge kino.

148 Bangi ku bo balina okuvuga ku luguudo akawungeezi kano, nga bwe baddayo mu maka gaabwe, era kino leka kye baba balowooza nti, "Mbeera ku Nsulo. Mbeera awo, nga nnywa amazzi amayonjo, buli ssaawa."

149 Era bwe baba nga babadde tebannaba, kumusembeza, leka bamusembeze Oyo kaakano, basobole okugenda n'Ensulo wamu nabo bwe banaaba bagenda. "Nnaagenda nammwe; Nnaabera nammwe okutuusa ku nkomerero y'ensi." Ebintu bino bituwe, Kitaffe.

150 Kaakano nga tukotese emitwe gyaffe, waliwo omuntu yenna munda wano, akawungeezi kano, oba bameka abandyagadde okugamba nti, "Mukama, ntwala ku Nsulo eyo mu kaseera kano kennyini. Ssazze wano kuwulira buwulizi; wabula nnazze wano okubaako Ekintu kye nzuula. Nnazze wano kuzuula Ggwe, Mukama. Nkwetaaga akawungeezi ka leero. Jangu mu mutima gwange kaakano. Onaakikola, Mukama?" Katonda akuwe omukisa. Buli omu Mukama abawe omukisa.

151 Kitange, emikono ogirabye, n'eri waggulu n'okwetooloola wonna ku kisenge, ne mu bisenge ebirala byonna, ne wabweru. O—Obalabye, Kitange. Nsa—nsaba ogabirire buli kye beetaaga kyonna. Osanga balina ekidiba ekimu ekikadde kwe babadde banywa, Mukama, awantu awamu omusajja omu we yasima ekidiba, ekyonooneddwa n'enjigiriza eza buli kika, nga bagaana Ekigambo. Nsaba, ai Katonda, akawungeezi ka leero bajje gy'Ali Oyo Ensulo eyo, Ensulo eyo ey'Obulamu. Kikole, Kitange. Mbawaayo gy'Oli kaakano mu Linnya lya Yesu.

152 Era waŋŋamba nti, "Bw'olisaba ekintu kyonna mu Linnya Lyange, kirikolebwa." Kaakano, kino ssandikisabye, Mukama, ssinga mbadde ssikkiriza nti kinaakolebwa. Nna—nnaandibadde nkyogera bwogezi kutuusa mukolo. Naye mbasabira, n'obwesimbu. Mbasabira, nga nzikiriza nti Onaakola kye wasuubiza.

153 Era kaakano mbaggyayo ku kidiba ekyo akawungeezi kano. Mbaggyayo okuva mu kifo ekyo gye babadde banywera, gye babadde tebafuna kumatizibwa; okubaleeta ku Nsulo eno. Nkikola mu Linnya lya Yesu Kristo.

154 Babo, Mukama. Leka banywe ku Ggwe, Amazzi amalamu, Ensulo ey'Amazzi amalamu. Mu Linnya lya Yesu, nkisabye. Amiina. Kikole, Mukama.

O, nga gwa muwendo omugga ogwo
Ogunnaaza ne ntukula nga omuzira;
Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
Okuggyako Omusaayi gwa Yesu gwokka.

Kiki ekiyinza okunazaawo ekibi kyange?
Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu;
Kiki ekiyinza okunziza obuggya nate?
Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu.
O . . .

Yesu, bano bawonye, Mukama! Kikole, Mukama, mu Linnya lya Yesu. Nkusaba, ai Katonda, O . . .?. . . Ggwe omanyi ebintu byonna.

Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
O, okuggyako Omusaayi gwa . . .

155 Kirowoozeeko, ssimanyiiyo nsulo ndala yonna! Ssirina kirala kyonna kye mmanyi okuggyako Ye. Ssetaaga kubaako kirala kyonna kye mmanya okuggyako Ye. Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu gwokka! O!

O, nga gwa muwendo omugga ogwo
Ogunnaaza ne ntukula nga omuzira;
Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
O, tewali ndala yonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu.

156 Nga bwe tuluyimba nate, tukwataganeko mu ngalo. Mwagalana? Waliwo omuntu yenna wano alina ensonga ku munne? Bwe waba waliwo, genda ogitereeze. Onaakikola? Leka tuleme kuva wano bwe tutyo. Mukiraba? Bw'oba olina ensonga yonna ku munno, genda ogitereeze kati, mu kaseera kano kennyini. Kano ke kaseera ko okugenda, ogambe nti, "Muganda wange, mwannyinaze, nnina kye nnakwogerako, nnina kye nnakulowooleza. Ssaagenderera kukikola. Nsonyiwa." Okiraba, bw'otyo bw'olina okukikola. Leka tubeere n'Ensulo mu makkati gaffe, ekiseera kyonna. Mukiraba?

Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
Okuggyako Omusaayi gwa Yesu.

O, nga omugga ogwo gwa muwendo nnyo
Ogunnaaza ne ntukula nga omuzira;
O, ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
Okuggyako Omusaayi gwa Yesu.

157 O, si mulungi? Tewali nsulo ndala yonna! Tetujja kwekyafuwaza na bintu birala. Tweyawudde, ensi ne tugireka emabega. Katunguluccumu we Misiri n'ebidiba ebiwomoggose tetukyabyetaaga. Tuli mu lugendo ne Mukama waffe Yesu, Olwazi olwo olwakubibwa, amiina, nga tulya Emmaanu eva

Waggulu, nga tunywa; nga tulya emmere ya Bamalayika, nga bwe tunywa okuva ku Lwazi. Amiina!

Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
Okuggyako Omusaayi gwa Yesu.

Kaakano ka tukoteke emitwe gyaffe.

158 Nsaba Katonda abaweere ddala omukisa buli omu ku mmwe, ekisa Kye n'okusaasira bibeere nammwe okuyita mu wiiki ejja. Era ssinga wabaawo ekintu kyonna ekibaawo, omu ku mmwe n'aseerera n'asomoka emitala w'eggigi kaakano, mujjukire nti twebaka era tuwummulako ssaawa busaawa okutuusa lwe tulisisinkana. Mujjukire, nti, "Abo abalamu abaliba bakyasigaddewo tebaliziyiza abo abeebaka, kubanga Ekkondeere lya Katonda, Ekkondeere eryo erisembayo . . ." Ery'omukaaga lyakavuga. Ate Ekkondeere eryo erisembayo, nga Akabonero akasembayo, kwe kuliba Okujja kwa Mukama. "Lirivuga, era abafu abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira." Tuwummulako buwummuzi okutuusa akaseera ako.

159 Era ssinga obaako n'ekikukosa kyonna, jjukira:

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Nga engabo eri buli kyambika;
Era ebikemo bwe bikwetooloola,
Yatula bwatuzi Erinnya eryo ettukuvu mu kusaba. (Emizimu gijja kudduka.)

160 Temwerabira nti, tusuubira okubasisinkana wano ku Ssande ejja ku makya. Muleete abalwadde n'abanyigirizibwa. Nja kuba nga mbasabira. Nammwe munsabire. Munaakikola? Mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Nja kubasabira, Katonda abawe omukisa.

. . . Erinnya eryo mu kusaba.

Erinnya ery'omuwendo, Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tweyala wansi ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule mu Ggulu Kabaka wa bakabaka,
Nga olugendo lwaffe luwedde.

Erinnya ery'omuwendo, Erinnya ery'omuwendo, (si ddungi nnyo era si lya muwendo?)
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;

Erinnya ery'omuwendo, Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

161 Kibeera kizibu bulijjo okubaleka. Newankubadde nkimanyi nti nammwe ebbugumu libali bubi, naye waliwo ekintu eky'enjawulo ku . . . Leka, ekitundu ekirala kimu nate, munaakikola? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Munaakikola? *Kiweebwe Omukisa Ekisiba Ekyo Ekisiba*, mwannyinaffe. Bameka abamanyi oluyimba olwo olw'edda? Twaluyimbanga, emyaka mingi egiyise.

162 Era mbadde nkirowozaako, akawungeezi kano nti, "emikono ebiri, ku bikumi n'ebikumi, be basigaddewo," bwe twayimbanga oluyimba olwo mu kkuŋŋaaniro, ne tukwatagana mu ngalo. *Kiweebwe Omukisa Ekisiba Ekyo Ekisiba*. Bangi ku bo mbaziise, engulu wano mu limbo. Balindiridde. Ndiddamu ne mbalaba. Ntera, okubalaba, mu kwolesebwa, bwe nnengera ebusukka ggigi. Gye bali.

Tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tuyimba.

Kiweebwe omukisa ekisiba ekyo ekisiba awamu
Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristayo;
Okussa ekimu . . .
Kulinga okwo okwa Waggulu.

Bwe tu . . .

Kaakati baako ne gw'okwata ku mukono.

. . . twawukana,

Kaakano nga omutwe gwo ogukotese.

Kituleetera obulumi munda;
Naye tujja kusigala nga tukwataganye mu mutima,
Era tubeere n'essuubi okuddamu okusisinkana.

163 Nga tukotese emitwe gyaffe. Olukuŋŋaana nduzzaayo eri omusumba kaakano, era atusiibule mu . . .

*Ttanka Z'omu Ttaka Eziwomoggose* LUG64-0726E
(Broken Cisterns)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga Jjulaayi 26, 1964, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org